Ekitundu 1

# CID

## Christian Investigation Department



# Ekitabo ky'omusomesa eky'emyaka gyonna

# CID: Christian Investigation Department

Ssande Sikuuru

Ekitundu 1

## Ekitabo ky'Omusomesa

Eky'emyaka gyonna (emyaka 4-15)

Abaana Kikulu

**Okwebaza kugenda eri tiimu ya "Abaana Kikulu" yonna!**

Chief Editor: Kristina Krauss

Creative Team: Angie Kangas, Dwight Krauss, Flor Boldo, Jennifer Sánchez Nieto, Jon Kangas, Julio Sánchez Nieto, Mike Kangas, Monserrat Duran Díaz, Rubén Darío, Suki Kangas, Verónica Toj, and Vickie Kangas.

Translation Team: Ali Atuha, Aline Xavier, Annupama Wankhede, Aroma Publications, Benjamin Gaxiola, Blessie Jetender, Blessy Jacob, Carla Mayumi, David Raju, Diana de León, Ephraim Njuguna Mirobi, Finny Jacob, Jacob Kuruvilla, Jetender Singh, Marcos Rocha, Mary Amelia Hernández, Mathew Das, Nassim Bougtaia, Paul Mwangi, Paul Septan, Rubina Rai, Sabrina Benny John, and SubtitleMe.

# Tukwanirizza mu CID…“ Christian Investigation Department”!!!

Tuli basanyufu nnyo wano ku “Abaana Kikulu” okukuwa omwaka omulamba omulala ogw’amasomo ga Ssande Sikuuru oba okutendekebwa mu Baibuli okwa buli wiiki kw’osobola okuwa abaana mu kkanisa yo oba mu kitundu kyo. Mu nteekateeka eno, abayizi bo bajja kuba ng’abakungu ba CID oba abakugu mu kunoonyereza era baweebwe omusango ogw’okunoonyerezaako buli wiiki. Nga bwe kiri mu kazannyo ka TV akayitibwa “CID” oba “Ekitongole ky’Ekikristaayo Ekinoonyereza”, abayizi bo abamu bajja kuba bakugu ba Poliisi mu kunoonyereza abalala nga bakakeensa abakuba ebifaananyi n’okwekenneenya nga bwe bakola ku buli musango. Kozesa amagezi go otimbe ekibiina kyo ng’ekisenge kya bakakensa oba laabu era n’abasomesa bo abamu bambale nga bannassaayansi n’abalala bambale ng’abaserikale abanoonya obujulizi.

Mu myaka gye nnamala nga nsomesa Ssande Sikuuru, abaana b’abasumba oba abaana b’abantu abajjumbira okujja mu kkanisa baatuuka ng’engero za Baibuli ezisinga bazimanyi mu mutwe. Buli bwe nnatandikanga okunyumya olugero lwa Nuuwa n’eryato oba Yona n’ekyennyanja, abaana bonna nga bafulumya amaloboozi agalaga nti olugero baali balumanyi. Nagezangako okukyusa engeri gye nsomesaamu ekibiiba naye era kyakomekkereranga nga kyefaananaanyirizza ebirala era abayizi ne beebaka bwebasi. Bwe twajjukira okusoomozebwa kuno, abakozi ba “Abaana Kikulu” baafunamu ekirowoozo ky’abasomesa obutagamba bayizi lugero lwonna! Mu kifo ky’ekyo, abayizi balina okukola okunoonyereza kwabwe bakubuulire lugero ki lwe bali mu kuyiga wiiki eyo! Kino kitegeeza nti kikulu nnyo okukakasa nti abayizi bo tebalaba ku kitabo kyo kino oba ennyanukula y’obujulizi mpaka nga bamaze okuzuula olugero. Buli wiiki olina obujulizi bwa mirundi 5 obw’okubawa ng’obakubiriza okuteebereza. Abaana nga batunuulira obujulizi, tobaako ky’okkiriza oba kugaana kisobozese buli omu okunyumirwa okuteebereza olugero lwa Baibuli mu ddakiika ezo ezisooka ng’ekibiina kyakatandika.

Ng’okunoonyereza kuwedde, zzaako entambula y’ekibiina kya Ssande Sikuuru eya bulijjo: Olugero lwa Baibuli, essomo ekkulu, olunyiriri lw’okujjukira n’ekozesa mu bulamu obwa bulijjo. Okwongera okuggumiza enteekateeka eno, abayizi tubawadde obulimu bw’okutwaala awaka era babukole mu makkati ga wiiki. Okugeza, mu wiiki esooka bajja kuyiga nti basobola okukolera Katonda ebintu ebinene newakubadde batono. Mu kalimu k’okutwaala awaka, balina okukola omulimu ogw’enjawulo wiiki eyo ng’okwoza ebintu oba omulimu gwonna gwe batatera kukola era balabe Katonda bw’agenda okubagabirira emikisa olw’okukola ekintu ekinene ekissukka kw’ebyo bye batera okukola.

Oluvannyuma lw’entambula y’ekibiina eya bulijjo, mulimu eby’okukola ebirala ebinyuma. Buli wiiki tutaddewo akazannyo, okukubaganya ebirowoozo, empapula z’abayizi ez’obukunizo n’okusiiga n’okugezesa kwa ssaayaansi ne bakakensa nga “Dr. Lukka”. Musobola okwekolera okugezesa kuno mu kibiina oba n’okozesa obutambi bwaffe. Nga bulijjo mu busumba bwaffe, ebikozesebwa byonna eby’enteekateeka y’omwaka guno weebiri era nga bya bwereere. Ne bwe muba muli mu kyalo, omusomesa asobola okufuna ebitabo bino okuva ku yintaneeti n’asalawo okwokyaamu kopi mu mpapula z’abayizi oba nedda. Mulimu eby’okukola bingi mu “Okunoonyereza mu Baibuli” emisomo gisobole okukola mu mbeera yonna gye mulimu ne bw’oba osazeewo obutakozesa bitabo by’abayizi. Teweetaaga kubeera na mukutu gwa yintaneeti mu kkanisa yo okukozesa enteekateeka eno! Omuntu omu yeeyeetaaga okutegeka ebikozesebwa mu budde era n’abireeta mu kkanisa obusumba bwammwe busobole okututumuka!

Katwenyigire mu Ssande Sikuuru wamu nga tukozesa entegeka eno encamufu! Abayizi bo bajja kuba nga bakyayiga ku Dawudi ne Goliyaasi, Eseza, entandikwa y’ensi, amazuukira ga Yesu, okukkiriza kw’omukuumi, n’ebirala bingi mu masomo 39 agali mu bitundu 3 ebya CID. Nkusoomooza okufuula ekibiina kyo ekicamufu! Funayo ebyambalo by’abasawo, okugezesa kwa ssaayansi okwaddala ne soluteepu owa kyenvu alaga “ akafo awaakoleddwa omusango” ketugeda okuyita “Akafo mu Baibuli”. Naawe oyinza okunyumirwa ng’abayizi bo omwaka guno! Katondo akuwe omukisa nga bw’osomesa abaana mu ngeri empya era ecamula!

Mu Kristu,

Kristina Krauss



# --[ Enkozesa ]—



Omusomesa, tukwanirizza mu nteekateeka eno ey'okunoonyereza ku Baibuli ecamula! Tusuubiira nti ojja kutendeka abayizi bo ate nga bwe munyumirwa mwenna wamu! Enteekateeka eno osobola okugikozesa nga Ssande Sikuuru, ekkanisa y'abaana oba olukiiko lw'omwoyo olw'abaana olwa buli wiiki. Ebifaananyi ebikozesebwa mu kusoma kwe biri ku mukutu gwaffe era osobola okubiraga ku lutimbe olunene oba okubiraga abayizi ng'okozesa essimu yo. Tusuubbira nti mujja kunyumirwa ebitundu byonna 3 eby'amasomo gano agakuwa emyezi 9 egy'emisomo. Ekitundu ekisooko kirina amasomo 13 nga n'ebitundu biri ebibiri nabyo bwe bityo nga gwe mugatte amasomo 39.

### Etambula y'Enteekateeka: (essaawa 2- 2 ½)




- Ennyanjula omuli obujulizi bwa mirundi 5 (eddakiika 25)
    - Omutwe (eddakiika 3)
    - Katemba (eddakiika 10)
    - Ekintu (eddakiika 3)
    - Ebyaliwo (eddakiika 2)
    - Akafo mu Baibuli (eddakiika 7)
- Akaseera k'essomo ekkulu (eddakiika 35)
    - Olugero lwa Baibuli / omusango guggadwawo! (eddakiika 13)
    - Enkozesa mu bulamu (eddakiika 2)
    - Okukwata olunyiriri lw'okujjukira (eddakiika 15)
    - Akalimu (eddakiika 3)
    - DNA ya Katonda (eddakiika 2)
- Akaseero k'okunyumirwa! (essaawa 1)
    - Akazannyo (eddakiika 15)
    - Okukubaganya Ebirowoozo (eddakiika 15)
    - Empapula z'abayizi (eddakiika 15)
    - Okugezesa kwa Lukka (eddakiika 15)
- Ebirala Akazannyo ka "Teeba Ani" (eddakiika 30)



### Obujulizi!

Tandika ekibiina kyo n'obujulizi ba CID bo we bagenda okusinziirako okukola ku musango. Kino kiyinza okubatwalira

eddakiika 5-15 era okunyumirwa kujja kusinziira ku ngeri gy'onaaba otegese! Waliwo obujulizi bwa mirundi 5 mu buli ssomo. Obujulizi osobola okubulagira ku ssimu yo oba n'obussa mu kibiina abayizi basobole okubwekkaanya.

## 1 Obujulizi #1 Omutwe

Obujulizi obusooka gwe mutwe gw'essomo. Abaana basomere omutwe guno oba oguwandiike bagulabe. Okugeza, essomo erikwata ku Dawudi ne Goliyaasi liyitibwa "Omusango gw'okukuba omuntu n'ekintu ekitali kyogi". Okukuba omuntu n'ekintu ekitali kyogi kyogera ku ngeri Dawudi gye yakuba Goliyaasi ku mutwe n'ejjinja eryali liva mu mugga. Ekigendererwa kya kukozesa ebigambo bakakensa n'abanoonyereza bye batera okukozesa kisobole okwongera okunyumisa ekibiina. Kakasa nti ekitabo kyo tokiraga bayizi baleme kulaba lugero lwa Baibuli oluli mu ssomo ly'olunaku.

## 2 Obujulizi #2 Katemba



Obujulizi obwokubiri obwa buli wiiki ye katemba. Abasomesa basobola okuzannya katemba ono oba abamu ku bayizi. Ekigendererwa kya kuwa obujulizi obulala naye nga olugero lwonna tolubabuulidde. Mu ssomo lya Dawudi ne Goliyaasi, omuserikale akomyewo awaka era ali mukwogero ne mukyala we. Omuserikale Mufirisuuti era ayogera ku ngeri gye baawanguddwa mu lutalo. Boogera ku musajja ayitibwa "Munene" ne mugandawe era nga naye munene (nga teboogedde linnya lya Goliyaasi). Baibuli tegamba nti Goliyaasi yalina mugandawe ayitibwa "Munene". Kano kazannyo kaakuyamba abayizi bo okuteeba olugero lwa Baibuli.

## 3 Obujulizi #3 Ekintu

Buli ssomo lirina ekintu ekirabwaako ky'olina okuleeta mu kibiina. Kino kirina kuba kintu abayizi bo kye basobola okulaba n'okukwatako era nga kijja kubayamba okuteeba olugero lwa Baibuli. Mu ssomo lino erya Goliyaasi, ekintu ky'olina okuleeta mu kibiina gali mayinja 5 Dawudi ge yajja mu mugga. Gezaako obutakkiriza oba kugaana. Teweetaaga kulimba bayizi bo naye ate weetaaga babeere nga beebuuza lugero ki okumala akaseera akawanvu.

## 4 Obujulizi #4 Ebyaliwo




Obujulizi obwokuna obwa buli ssomo by'ebyaliwo edda. Ekifaananyi ky'ebisenge by'ekibuga kya Gaasi ekyasaanawo. Olunaku lwa leero kisangibwa mu ppaaka y'ebisolo eya Zafiti.  (Ekyama: Ekibuga Goliyaasi gye baali bamuzaala mu Bufirisuuti.) Olina

okulaga ekifaananyi kino era n'oyogera ku kibuga kya Gaasi naye nga tobotodde kyama. Abaana abasinga tebajja kumanya nti Gaasi ky'ekibuga Goliyaasi gye baali bamuzaala ekijja okukuuma olugero lwo nga lwa kyama!



## 5 Obujulizi #5 Akafo mu Baibuli

Obujulizi obusembayo obwa buli wiiki ke kafo mu Baibuli, ekifo ky'onyinza okutegeka okufaanana ng'awantu awaakoleddwa omusango abayizi basobole okukola okunoonyereza.



Okugeza, kino ekifaananyi ky'akafo mu Baibuli kiva mu ssomo lya Safira ne Ananiya bwe baalimba Katonda. Osobola okukozesa ekifaananyi kye tukuwadde oba osobola okutegeka akafo mu kibiina n'okubawo n'ebifaanaanayi by'ebirambo abayizi bo basobole okukola okunoonyereza. Mu kifaananyi kino olaba nti eno ekkkanisa yassaawo akaguwa ka kyenvu aka Poliisi okusobola okwongera okucamula essomo era ne bakozesa soloteepu ku ttaka okulaga emirambo we gyali gigudde.

# OMUSANGO GUGGADDWAWO

## Omusango Guggaddwawo!

Abayizi bo nga bamaze okwekkenneenya obujulizi, bakkirize bagende mu maaso bamalirize omusango oba bakubuulire lugero ki olwa Baibuli oluli mu ssomo lya wiiki eyo. Bw'oba olina abayizi abamaze emyaka nga tebajja mu kkanisa, bayinza okukaluubirizibwa okuteeba olugero lwa Baibuli. Tmuli bulabe mu kubabuulira lugero ki oluli mu ssomo. Ne bwe baba tebateebye lugero lutuufu, obujulizi bujja kumala okufuula Ssande Sikuuru eno ey'ebyewuunyo gye bali!

### Olugero Lwa Baibuli



Bwe mumaliriza obujulizi bwonna n'abayizi okuteeba olugero lwa Baibuli olwa wiiki eyo, ke kaseera k'okunyumya olugero mu ngeri ya Ssande Sikuuru eya bulijjo. Osobola okunoonya olugero luno mu Baibuli ng'okozesa endagiriro gye tukuwadde oba n'okozesa ekitabo ky'omusomesa. Singa osalawo okukozesa ekitabo ky'omusomesa okunyumya olugero, kijja kuba kirungi singa obikkula Baibuli yo mu kifo awali olugero. Buli wiiki tuba n'ekifaanayi ky'omuntu ali mu lugero ng'ono

ayinza okuba omuzira oba omulabe w’olugero. Mu ssomo lya Dawudi ne Goliyaasi, ekifaananyi eky’okulaga abayizi bo kya Goliyaasi. Kozesa kaadi eziraga abantu ba Baibuli buli mwana omuwe eyiye. Zino osobola okuzikozesa nga kaadi eziraga okujjumbira oba musobola okuzikozesa okuzannya akazannyo ka “Teeba Ani”. Endagirio y’akazannyo eri ku nkomerero y’ekatabo kano aka “Enkozesa”.

### Enkozesa mu Bulamu

Oluvannyuma lw’essomo mwogere ku nkozesa mu bulamu obwa bulijjo. Mu lugero lwa Dawudi ne Goliyaasi, enkozesa mu bulamu eri nti “Yadde ndi muto, nsobola okukola ebinene.” Yogera n’abayizi bo ku ngeri Katonda gye yakozesa Dawudi okukola ekintu ekinene newakubadde yali muto n’engeri Katonda nabo bw’asobola okubakozesa.

### Olunyiriri lw’Okujjukira

Olunyiriri lw’okujjukira olwa buli wiiki lutambulira wamu n’enkozesa mu bulamu eya wiiki eyo. Fissaawo akadde oyambe abayizi bo okukwata olunyiriri luno mu mutwe.

### Akalimu

Buli wiiki abayizi tubawa akalimu ak’okussa mu nkola mu wiiki eyo. Eno y’esonga esinga obukulu mu nteekateeka eno! Katonda tayagala tuwulire buwulizi wabula ayagala TUKOLE! Kikulu nnyo abaana okussa mu nkola ebyo bye baba bayize ku kkanisa. Totandika kutondawo Bafalisaayo balala ng’oyigiriza abaana okukwata emisomo n’ennyiriri za Baibuli naye ng’ate mu wiiki tebatambulira ku biki by’oba obasomesezza. Tetwandiyagadde kukola nsobi y’akutondawo abannanfuusi! Engeri yokka ey’okukakasa nto abayizi bo tebafuuka bannanfuusi kwe kubakubiriza okutambulira ku biki bye baba bayize mu wiiki.

### DNA ya Katonda




DNA ya Katonda kitundu kya kibiina mwe tuyiga ebifa ku Katonda ne kiki ky’ali okusinziira ku ssomo lya Baibuli. Okugeza, mu ssomo lya Dawudi ne Goliyaasi, tuyiga nti Katonda akozesa abantu okutuukiriza entegeka ze.



## Akaseera k’Okunyumirwa!

### Akazannyo

Emizannyo kitundu kikulu nnyo eky’ekibiina kyo ekijja okuleetera abayizi okusigala nga bajja! Abaana baagala nnyo okuzannya emizannyo. Bw’onassaawo akazannyo mu buli kibiina, ojja kulaba ng’ekibiina kyo kikula mu bungi bw’abaana buli wiiki. Buli bw’obeera n’abaana abangi kitegeeza ojja kuba okukyusa obulamu mu bungi!

### Okukubaganya Ebirowoozo



Buli wiiki tutaddewo ebibuuzo bisatu eby’okukubaganyaako ebirowoozo abayizi bo basobole okucamuka obwongo. Engeri ennungi ey’okukola kino butabuulira bayizi bo nnyanukula ya bibuuzo wabula okubaleka ne boogerezeganya ku nsonga ezo. Buli bwe bakubaganya ebirowoozo, gwe oba okola! Kakasa nti oteekawo embeera ebaleetera okwenyigira mu bibuuzo bino. Mu katabo k’omusomesa tutaddemu ennyanukula y’ebibuuzo bino ekijja okukuyamba naawe okubaako by’oyegera ku

nkomerero ng’abayizi bamalirizza.

## Ennyanukula y’Empapula z’Abayizi

Enteekateeka eno erina empapula z’abayizi z’osobola okukozesa ng’eby’okukola mu kibiina kyo. Abaana baagala nnyo okusiiga n’obukunizo bw’ebigambo era tusuubira nti ojja kukozesa empapula zino okwongera okunyumisa ekibiina kyo. Mu kifo kino wojja okusanga ennyanukula y’obukunizo obuli ku mpapula z’abayizi ez’ebibinja by’emyaka 4.

## Okugezesa kwa Lukka

Ekisembayo kwe kugezesa kwa ssayaansi okwakakensa ayitibwa Dr. Lukka! Buli wiiki abawa okugezesa kwa ssayaansi kwe musobola okukola mu kibina. Musobola okulaba akatambi ke wamu mwenna oba musobola okwekolera okugezesa kuno mu kibiina nga bwe tukulaze mu kifaananyi eky’omusomesa ayambadde ekkooti ya bannassayaansi enjeru ng’alina by’atabula.





## Akazannyo ka Teeba Ani




Waliwo eky’okukola ekirala ekitali kya tteeka nga kano ke kazannyo ke musobola okuzannya nga mukozesa kaadi zammwe eza abantu ba Baibuli akayitibwa “Teeba Ani”.
Kano akazannyo kazannyibwa abaana babiribabiri.
Kubisa kaadi zonna 13 buli mwana omuwe ezize.
N’omusomesa naye ajja kwetaaga kaadi ezize. Abaana bo bajja kugenda nga bamanya abantu ba Baibuli nga bayita mu kuzannya akazannyo kano.
Funayo olupapula olukaluba oluzinge nga bwe tukulaze mu kifaananyi osobole okussaako kaadi.
Akazannyo kaakuteeba muntu ki owa Baibuli omusomesa oba munno gw’alina. Mutandike n’okulonda kaadi emu nga munno tategedde eriwa gy’olonze.
Mutunuulire ebifa ku buli muntu wa Baibuli nga mwe muli langi y’amaaso gaabwe, langi y’enviiri zaabwe, oba balina ebirevu, oba bambadde enkofiira, obunene bw’amaaso n’amatu gaabwe, bakazi oba basajja.  Omuzannyi asooka abuuze ekibuuzo era omuzannyi owokubiri alina kumwanukula na “yee” oba “nedda”. Ekibuuzo kimu kyokka kye kikkirizibwa ng’omulundi gwo gutuuse. Bw’ofuna okwanukulwa, osobola okussa wansi kaadi ezitalina nnyanukula eyo.



Okugeza, singa obuza nti “mukazi oba musajja”, munno n’agamba nti “nedda”, awo osobola okussa kaadi zonna eziriko abakazi wansi. Sigala ng’obuuza ebibuuzo mpaka ng’otegedde muntu ki owa Baibuli omwekusifu!
Eno enteekateeka erina ebitundu 3 ebimala emyezi 9. Wajja kubaawo seeti 3 ez’abantu ba Baibuli ab’okuzannyisa omugatte nga be bantu ba Baibuli 39.

# --[ Omusango 1 ]--



## Obujulizi!(Essomo 1)

### 1 Obujulizi #1 Omutwe (Essomo 1)

Omusango gw'okukuba omuntu n'ekintu ekitali kyogi

### 2 Obujulizi #2 Katemba (Essomo 1)

Anyumya: Olugero luno si lwa ddala naye amannya agamu n'ebifo bikyusiddwa okubikkirira abantu abatalina musango.
Omuserikale: Mukwano, tosobola kukkiriza lunaku lwe mbadde nalwo. Kabuze katono nneme okukomawo nga nkyalina obulamu!
Omukyala: Nakugaanye okugenda yo naye nga towulira.
Omuserikale: Yee, wabadde mutuufu naye tewabaddeyo. Wabadde tosobola kumanya kiki kigenda kutuukawo.
Omukyala: Ekitala kya kitange kiri wa?
Omuserikale: [n'ayogera mu kaama] Nakirese mu nkambi mu Ephes Dammim.
Omukyala: Ggwe Ssebo Omuserikale ow'amaanyi, tambula oddeyo ku luguudo lwa Shaaraim okiggyeyo.



Omuserikale: Sisobola. Bajja kuzinta.
Omukyala: Bw'oba togenda kukola kye nkugamba, wano nawo emikisa gyo tegifaanana bulungi.
Omuserikale: Nkimanyi olimunyiivu naye sigenda kuddayo kukima kitala kya kitaawo.
Omukyala: [n'assa] Lwaki togenda ne Munene oba muganda we omukulu bw'oba otidde nnyo.
Omuserikale: Sisobola. Mugandawe mufu. Twawanguddwa.
Omukyala: [ebbakuli n'emuva mu ngalo n'eyatika, engaano yonna n'essammuka ku sseminti] Mukwano, kiki ekyatuuseewo?
Omuserikale: Nakugambye ebintu tebyategeerekese. Twabadde tukoze enkambi ku Ephes, wali kumpi ne Socoh. Twali tubafunzizza okumala omwezi mulamba era nga muganda wa Nnyama omukulu ng'afuluma buli lunaku n'abasoomooza okulwana nga bw'abagyerega. Omusana gwayitirira nnyo ne tulekera awo okwambala ebitukuuma. Twali tufuluma bufulumi okwerolera Nnyama ng'abaswaza. Ekitala kyo nakireka mu weema nga saagala kibule.
Omukyala: Mu weema? Ye bannange, weema yo wagikomezzaawo?
Omuserikale: Nedda.
Omukyala: Harrumph, katiogenda kukozesaki mu nkambi omwaka guno?
Omuserikale: Mukwano, tewali muntu yenna akyalina weema oba ekitala. Nali waamukisa okufuumuuka emisinde. Weebaze Mukama nti nasobodde okudda awaka. Bangi tebaasobodde.
Omukyala: Kale, kulikayo. Tujja kutetenkana tubeewo. Mbadde nkusubwa.

Omuserikale: Nange mbadde nkusubwa.





### Obujulizi #3 Ekintu (Essomo 1)

Leeta mu kibiina ekintu ekirabwaako ng'obujulizi: amayinja 5.

### Obujulizi #4 Ebyaliwo (Essomo 1)

Ekifaananyi ky'ebisenge by'ekibuga kya Gaasi ekyasaanawo. Olunaku lwa leero kisangibwa mu ppaaka y'ebisolo eya Zafiti.(Ekyama: Ekibuga Goliyaasi gye baali bamuzaala mu Bufirisuuti.)



### Obujulizi #5 Akafo mu Baibuli (Essomo 1)

Ekyama: Ebigere ebinene ebya Goliyaasi n'ebigere ebitono eby'amagye.

# OMUSANGO GUGGADDWAWO

## Omusango Guggaddwawo! (Essomo 1)

### Olugero Lwa Baibuli (Essomo 1)

**Dawudi ne Goliyaasi**

**Okuva mu Baibuli: 1 Samwiri 17:1-53**



Ng'ayimiridde ku kisaawe ky'olutalo wakati w'abaana ba Israeri n'Abafirisuuti, Dawudi yamanyi nti asobola okuwangula olulwana luno. Nga Katonda ali naye, yali tayinza kuwangulwa naye ate yali awulira okutya k'wabasirikale abala ng'atunuulidde omusanjja owa fuuti mwenda ajja okumulumba. Goliyaasi yali musajja muyitirivu mu bunene eyali amaze akaseera ng'asoomooza abaana ba Israeri. Tewali yali ayagala kwewaayo kulwanyisa omutemu ono Omufirisuuti.

Dawudi yali si mukulu ekimala okubeera omuserikale; yali mwana mulunzi naye ate yalina obuvumu.  Ku myaka gye emito, yali asse empologoma

n'eddubu nga talina kirala ky'akozesezza okuggyako omuggo gwe gwokka. Dawudi yalina Katonda ku ludda lwe mu lutalo luno. Yakimanya nti singa ajjira mu linnya lya Mukama, yali tayinza kuwangulwa.

Ng'amaze okufuna amayinja 5 amalungi, yassa erimu mu kaguwa ke. Goliyaasi mu bunene bwe bwonna yali asembedde kumpi. Dawudi yakimanya nti alina okulinda akaseera akatuufu era yatandikirawo okuwuuba akaguwa ke ng'akeetolooza. Yamala n'ata ejjinja nerigenda era ne likuba Goliyaasi wakati w'amaaso. Goliyaasi yagwa ku ttaka, ng'afudde. Amagye g'Abafirisuuti gaabuna emiwabo nga galabye nti omunene waago afudde.

### Enkozesa mu Bulamu (Essomo 1)

Yadde ndi muto, nsobola okukola ebinene.

### Olunyiriri lw'Okujjukira (Essomo 1)

"Kubanga mmanyi ebirowoozo bye ndowooza gye muli, bw'ayogera Mukama, ebirowoozo eby'emirembe so si bya bubi, okubawa okusuubira enkomerero yammwe ey'oluvannyuma."Yeremiya 29:11

### Akalimu (Essomo 1)

Funayo omulimu gw'otatera kukola ogukole ng'okwoza ebintu buli lunaku oba omulimu ogutera okukolebwa bazadde bo. Tunuulira olabe nga Katonda akukozesa ebinene.

### DNA ya Katonda (Essomo 1)




Kiki kye tuyiga ku Katonda mu ssomo lino? Katonda akozesa abantu okutuukiriza entegeka ze.



## Akaseera k'Okunyumirwa! (Essomo 1)

### Akazannyo(Essomo 1)

Okulinnya mu Bisiikirize

Kano akazannyo kazannyibwa ng'emizaanyo emirala egy'okwekoonako. Omusomesa alonde abaana abamu abagenda okugoba era bakoone ku bannaabwe. Mu kazannyo kano, mukifo ky'okukoona ku baana bannaabwe, bagambe balinnye mu bisiikirize by'abo bebagoba.

### Okukubaganya Ebirowoozo (Essomo 1)

(By'abayizi abakulu)

1. Singa wali omanyi ekigenda okubaawo, kino kyalikyusizza kitya mw'ekyo ky'ogenda okukola?

Mutwaale akadde nga mwogera ku kugula tikiti z'akalulu, okugula engoye ez'ebbeeyi oba okwewala emitawaana. Awo babuulire ku ngeri Katonda gy'akola mu ngeri ennyanjulukufu era nga bwe tusobola okumanya Katonda ky'agenda okukola nga tuyita mu kutunuulira engeri gy'azze akola emabega. Ekimu ku bikulu mu kukkiriza mulimu okumanya kiki Katonda ky'agenda okuzzaako era n'okyenyigiramu. "Dawudi n'ayogera nti Mukama eyamponya mu njala z'empologoma ne mu njala z'eddubu, alimponya ne mu mukonogw'Omufirisuuti oyo." 1 Samwiri 17:37




2. Dawudi yakongoola Goliyaasi nga tannaba kumutta. Lwaki tekyali kibi Dawudi okukongoola Goliyaasi? Kiki ekiyinza okukuweesa olukusa okukongoola omuntu?

Kino ekibuuzo kirimu akakunizo. Dawudi okukongoola Goliyaasi kiyinza okuba nga kyali sikirungi, naye mwekiri mu lugero. Kino kyali kiraga okukkiriza kwe.

3. Omukisa gwa Dawudi okutta Goliyaasi gwamuweebwa kuba yali aweereza baganda be. Obukulembeze n'obuweereza bifaanagana bitya?


Yadde obukulembeze n'obuweereza byawukana, waliwo obukulembeze obugatta bino byombi era ne bifaanagana. Bw'oba oweereza, olaba emikisa era bw'ogikolerako buba bukulembeze.

## Ennyanukula y'Empapula z'Abayizi (Essomo 1)









## Okugezesa kwa Lukka (Essomo 1)

Gatta kimu kya kuna ky'ekikopo ky'amazzi n'ekimu kya kuna ky'ekikopo kya vinega mu cupa. Mala oyiwemu n'ekimu kya kuna ekya sooda maikaapu. Ebintu bino bijja kufulumya omukka ogwacarbon dioxideoguzitowa okusinga omukka ogwa bulijjo. Yiwa carbon dioxide naye si ebizzizzi ebiri wansi mu cupa ku musubbaawa ogwaka. Omusubbaawa gujja kuzikira. (Laba ebisingawo ku YouTube) https://www.facebook.com/childrenareimportant/videos/1291835197519527/

# --[ OMUSANGO 2 ]--

## OBUJULIZI! (ESSOMO 2)

### 1 OBUJULIZI #1 OMUTWE (ESSOMO 2)

Omusango gw'omulambo ogubuze

### 2 OBUJULIZI #2 KATEMBA (ESSOMO 2)

Anyumya: Olugero luno si lwa ddala naye amannya agamu n'ebifo bikyusiddwa okubikkirira abantu abatalina musango.
Anoonyereza: Kuba ekifaananyi ky'ebigere ebyo. Birabika nga seeti 5.
Kakensa: Kale Ku ludda luno ninayo seeti 2 ez'ebigere bya abasajja. Balabika baabadde badduka.
Anoonyereza: Wali waliwo eby'engatto za bbuutu. Balabika baabadde bakuuma. Laba enfuufu gye baatankudde.
Kakensa: Buno ate bwo butono nnyo. Balabika baabadde bakyala 2, oba 3, abatonotono.
Anoonyereza: [n'atunula mumaaso eri n'alaba ekigere ekirala] Ate kino? Kinene ddala. Kitandikira okuva [n'atunulatunula] okuva [n'atunulatunula]. Ggwe Kakensa???
Kakensa: Wanji? [n'ajja amaasoge ku kamera]
Anoonyereza: Nakugambye ki ku nsonga y'obutoonoona kifo kino omusango wegwakoleddwa?
Kakensa: [n'amira amangota] Nti singa nziramu okukikola nja kugobwa?
Anoonyereza: Wano omaze okukolawo?
Kakensa: Nedda.
Anoonyereza: Weerowooze nnyo. Wano waayiseewo yadde okutunulawo, oba okulowooza ku ttaka eliri wano?
Kakensa: Nedda, nkusuubiza!
Anoonyereza: Bw'oba tonnalinnyako wano ate nga nange sinnalinnyawo, kati ebigere bino ebinene ng'ekyo [n'alaza ku bigere ebinene] biba bitya wano wokka ne bitaba walala wonna?
Kakensa: Abakyala  balabika baabadde balina kye basitudde.
Anoonyereza: Yee, naye si ekintu ekinene ng'ekyo. Baabadde basitudde ebintu ebitonotono ng'obuwero n'amacupa.
Kakensa: Naye ate abasajja abaababadde badduka tebayinza kuba nga baabadde basitudde ekintu ekinene bwe kityo.
Anoonyereza: Sikitegeera. Nina wano ebigere ebitali mu ngatto ebya fulumye mu mpuku naye ng'ate tebyayingidde. Ebigere by'abasajja abadduka, biri ebyambadde engatto za bbuutu, ne bino ebinene ebitamanyikiddwa we biva ne bijja mpaka wano ku lwazi olunene.
Kakensa: Kirabika lwa nsonga ya musisi eyayise ekiro. Naye ennimiro yo elabirirwa bulungi.

Anoonyereza: Kiki ky'ogambye?
Kakensa: Nti ennimiro yo elabirirwa bulungi?
Anoonyereza: Nedda, nga tonnaba kwogera ekyo...





### 3 Obujulizi #3 Ekintu (Essomo 2)

Leeta mu kibiina ekintu ekirabwaako ng'obujulizi: essaawa ey'akade.

### 4 Obujulizi #4 Ebyaliwo (Essomo 2)

Ekiyitibwa "Chi Rho ekyetooloddwa ekimuli" kyasangibwa mu mpuku omwali obubonero bungi obwekyama. (cerca 350) (Ekyama: Kiraga obuwanguzi bw'amazuukira era kibeera waggulu w'abaserikale Abaruumi.)



### 5 Obujulizi #5 Akafo mu Baibuli (Essomo 2)

Ekyama: Obuwoowo Maliyamu Mangadeleena bwe yayiwa, ssente ezaava ku bakuumi, ennimiro n'enkoofiira y'omulabirizi w'ennimiro kuba Maliyamu yalowooza nti yali mulabirizi.

# OMUSANGO GUGGADDWAWO

## Omusango Guggaddwawo! (Essomo 2)

### Olugero lwa Baibuli (Essomo 2)

**Amazuukira ga Kristu**
**Okuva mu Baibuli: Matayo 28; Yokaana 20:6-9**
Ekyewuunyisa abayigirizwa, buli kintu Yesu kye yabalabulako kyatuukirira! Yesu yaliibwaamu olukwe, n'akubwa era n'abambibwa ku musaalaba. Oluvannyuma lw'ennaku ssatu, kumakya nnyo bakabona abakulu baakola olukung'aana n'abakuumi. Abakuumi baagamba nti waali wayise musisi



ow’amaanyi. Malayika wa Mukama yali azze n’aseetula ejjinja era kati yali alituddeko. Yali afaanana nga laddu mu ngoye ze enjeru ng’omuzira. Abaserikale baagamba nga bwe baali batidde, ne bakankana era ne bazirika. Bakabona baakola entegeka, ne bawa abakuumi enguzi ya ssente ennyingi era ne babagamba balimbe nti, “Abagoberezi be bazze ekiro ne bamubba nga twebase.” Bakaboona baakakasa abakuumi nti bajja kubawolereza singa abakulembeze baliba bakitegedde.
Ba Maliyamu ababiri bwe baayingira mu ntaana, malayika yabagamba nti, “Mmwe temutya: kubanga mmanyi nga munoonya Yesu eyakomererwa. Tali wano; kubanga azuukidde, nga bwe yagamba. Mujje, mulabe ekifo Mukama we yagalamira. Mugende mangu, mubuulire abayigirizwa be nti Azuukidde mu bafu; laba, abakulembera okugenda e Ggaliraaya; gye mulimulabira.” Abakyala baayanguwa okuva ku ntaana bagende babuulire abalala era Yesu n’abalabikira n’abagamba nti, “Mirembe, temutya: mugende mubuulire baganda bange bagende e Ggaliraaya, gye balindabira.”
Peetero ne Yokaana baayagala okwerabirako n’agaabwe era ne badduka mpaka ku ntaana. Bwe baatunula yo baalaba obuwero nga buzingiddwa bulungi. Bwe baalaba obujulizi, bakkiriza era ne bakakasa nti mazima Yesu yali azuukidde okuva mu bafu!

### Enkozesa mu Bulamu (Essomo 2)

Katonda asigala mwesigwa gyendi newakubadde ebintu byonna biba ng’ebisobye.

### Olunyiriri lw’Okujjukira (Essomo 2)

“Katonda mwesigwa, eyabayisa okuyingira mu kusseekimu kw'Omwana we Yesu Kristu Mukama waffe.” 1 Abakkolinso 1:9

### Akalimu (Essomo 2)

Buulira omuntu yenna ku kaseera akaalinga akakugendera obubi naye ate ebintu ne bikomekkerera nga biwedde bulungi. Katonda yakuyigiriza ensonga ez’amaanyi olw’ebyo ebyatuukawo.

### DNA ya Katonda (Essomo 2)

Kiki kye tuyize ku Katonda mu ssomo lino? Katonda ayagala abantu bamanye Yesu n’ensonga lwaki yajja ku nsi.






## Akaseera k’Okunyumirwa! (Essomo 2)

### Akazannyo (Essomo 2)

Omupiira gwa bbaaluuni mu kibiina

Abaana baawulemu tiimu bbiri, obatuuze mu nnyiriri bbiri ku ntembe oba wansi nga wakati waabwe waliwo mita emu. Omuzannyi wa ttimu emu y’aba asooka ku lunyiriri waddeko owa tiimu eyokubiri wamale waddeko owa tiimu esooka mpaka nga bonna batudde. Wandiika ebipande bya ggoolo obisse ku njuyi zombi ez’ekibiina. Difiri atandiike omumpiira ng’ayita mu kukanyuga bbaaluuni wakati. Abazannyi balina kusigala nga batudde mu muzannyo gwonna. Ekigendererwa ky’omuzannyo kya

kukuba bbaluuni etambule mpaka ng'oteebye ggoolo. Nga mu mupiira ogw'ebigere, bbaaluuni singa efuluma wabweru w'ekisaawe, difiri bbaaluni agiwe tiimu eri y'eba egikanyuga mu kisaawe.

## Okukubaganya Ebirowoozo (Essomo 2)

(By'abayizi abakulu)

1. Abayigirizwa baali beekwese kuba baategeera bubi okufa kwa Yesu. Olowooza abantu ba bulijjo ngeri ki gye bayinza okutegeera ekigambo kya Katonda obubi? Oyinza otya okumanya nti otegeera Baibuli?

Saba abakutwala bakuyambeko okutegeera Baibuli. Kakasa nti entegeera yo ey'olugero luno tekontana na kiki olugero olulala mu Baibuli kye lutegeeza.

2. Abakuumi baamala ne bakkiriza obutagamba bantu kiki Katonda kye yali akoze. Bunkenke ki bw'owulira ng'olowoozezza ku kugamaba abantu ebifa ku Katonda?

Abaana bagambe boogere ku bunkenke bwe bawulira okuva eri mikwano gyabwe egibagamba obutaba baddiini nnyo. Kino kikkirize kigende mu maaso ebbanga abayizi lye bamala nga bajjumbidde era nga tebannatandika kudding'ana bannaabwe bye baanukudde. Mwogere ku bunkenke bwe tuwulira munda obutugamba okubeera bannakyemalira era okukola ebitusanyusa nga ffe. Kyangu nnyo okukola ebintu ebitalina mugaso naye nga birungi era nga tebikosa bulamu bwaffe naye bwe tuyitiriza wabaawo obulabe. Temwerabira okwogera ku bunkenke bw'eb'ekika. Ab'ekika bajja kukugamba obutayogera ku Yesu oba okukukaka okwetaba mu mikolo gy'amadiini gaabwe. Mu bino byonna mulimu okwenkanyankanya. Okwagala abantu abatwetoolodde kiyinza okutwetaaza okubawa ekitiibwa naye ate mu kaseera ke kamu, Katonda ayagala tusigale nga tuli beesimbu gy'ali.





3. Katonda yasalawo okwogera n'abakyala batuuse obubaka eri abayigirizwa. Kiki ekyandituuseewo singa abayigirizwa baagaana okubawuliriza? Tuyinza tutya okukakasa nti tetusubwa bubaka bwa Katonda eri gye tuli bw'aba ayisizza mu bantu abalala?

Abaana baleetere okwogera ng'okozesa ensonga y'abakyala mu kkanisa okuletawo emboozi erimu obutakwatagana. Leka boogere ku kifo ky'omukyala mu kkanisa okumala akaseera omale obalage Abaefeeso 4 ne 1 Abakkolinso 12 Katonda w'agambira nti yawa abantu ab'enjawulo ebitone eby'enjawulo era nti singa tulekera awo okuwuliriza abantu, tujja kusubwa okuwulira Katonda by'atugamba ng'abiyisizza mu bbo.

## Ennyanukula y'Empapula z'Abayizi (Essomo 2)



## Okugezesa kwa Lukka (Essomo 2)

Abayizi balina okussa ebirowoozo ku bintu bisatu: ekintu ekikwekeddwa nga kiyinza okuzuulibwa, ekintu ekikwekeddwa nga tekiyinza kuzuulibwa; n'ekintu ekikwekeddwa naye ne kimala ne kigenda kyokka. Ng'akazannyo, kweka ebintu eby'enjawulo mu kibiina kyo abayizi bagezeeko okubizuula. (Laba ebisingawo ku YouTube)
https://www.facebook.com/childrenareimportant/videos/1291864664183247/

# --[ Omusango 3 ]--



## Obujulizi! (Essomo 3)

### 1 Obujulizi #1 Omutwe (Essomo 3)

Omusango gw’omusajja eyasuulibwa okuva ku lyato

### 2 Obujulizi #2 Katemba (Essomo 3)

Anyumya: Olugero luno si lwa ddala naye amannya agamu n’ebifo bikyusiddwa okubikkirira abantu abatalina musango.
Omugoba w’eryato: Neetaaga okukola alipoota.
Omukuumi w’oku mazzi: Kale, zino z’empapula z’okukola alipoota ku bintu ebitali bya bulijjo. Lupapula ki lwe weetaaga?
Omugoba w’eryato: Omusajja agudde okuva ku lyato.
Omukuumi w’oku mazzi: Kale, mwasobodde okumuggyayo?
Omugoba w’eryato: Nedda ssebo, tetwasobodde.
Omukuumi w’oku mazzi: Embeera y’obudde yabadde etya? Mwabadde mu mubuyaga?



Omugoba w’eryato: Yee ssebo, kata fenna gututwaliremu.
Omukuumi w’oku mazzi: Kale, mwafiiriddwa ebyamaguzi byammwe? Bwe muba mwafiiriddwa ebyamaguzi n’abakozi, juza ne luno olupapula.
Omugoba w’eryato: Yabadde musaabaze.
Omukuumi w’oku mazzi: Kale, naye olina n’okujjuza olupapula luno tusobole okutegeeza abantu be. Yabadde n’ebimwogerako?
Omugoba w’eryato: Ssebo sikakasa bulungi nti mufu.
Omukuumi w’oku mazzi: Yiiyi, ogambye nti mwamufiiriddwa ku nnyanja mu mubuyaga ogw’amaanyi. Si bw’ogambye?
Omugoba w’eryato: Yee ssebo naye omuyaga gwabadde gukendedde amaanyi.
Omukuumi w’oku mazzi: Mwazzeeyo okumunoonya?
Omugoba w’eryato: Omanyi, yabuzeewo nga tetunnaba kumutuukako...

### 3 Obujulizi #3 Ekintu (Essomo 3)


Leeta mu kibiina ekintu ekirabwaako ng’obujulizi: eddobo ly’okuvuba.

### Obujulizi #4 Ebyaliwo (Essomo 3)




Ekibuga kya Nineeve kyali kinene nga kirimu omuwendo gw’abantu 150,000, embiri ezaakaayakana n’amasinzizo n’ebisenge ebiwaanvu n’eminaala. Ekifaanayi kino kiraga ebisenge bya Nineeve omukadde ng’ebitundu ebimu bizimbiddwa bupya. (Ekyama: Nineeve ky’ekibuga Katonda mwe yatuma Yona.)

### Obujulizi #5 Akafo mu Baibuli (Essomo 3)



Ekyama: Ku lyato, empiki za zaala kuba abasaabaze “baakuba akalulu”, ekire ky’omubuyaga nga kibula kuba omubuyaga gwali gukendedde amaanyi.

# OMUSANGO GUGGADDWAWO

## Omusango Guggaddwawo! (Essomo 3)

### Olugero lwa Baibuli (Essomo 3)



**Yona**

**Okuva mu Baibuli: Yona 1**

Ekibuga kya Nineeve kyali kikola obwonoonefu mu maaso ga Katonda era Katonda n’asindika Yona agende abalabule. Mu kifo ky’okukola ekyo, Yona yasalawo kudduka era n’afuna eryato limutwale ewala ennyo. Yona weyagendera okwebaka, abakozi b’oku lyato baalaba ng’omubuyaga gusembedde. Nga wayise essaawa entono, omugoba w’eryato yazuukusa Yona n’amubuuza nti asobola atya okwebaka otulo mu mubuyaga ogw’amaanyi bwe gutyo? Abakozi b’akimanya nti eryato ligenda kubbira era nga baagala okumanya lwaki Katonda yali asindise omubuyaga bwegutyo. Okukuba akalulu y’engeri gye baali bayinza okumanya ani eyali mu nsobi. Akalulu kaakwata Yona. Baamubuuza kiki ekyali kigenda mu maaso era Yona n’ababuulira nga bwe yali asobezza era n’abagamba bamusuule mu mazzi. Abakozi baali tebaagala kukola kintu ng’ekyo era baagezaako okugoba eryato balizze ku lubalama naye omubuyaga gweyongera era ne balaba nga tebakyalina kya kukola okuggyako okusuula Yona mu mazzi. Yona kasita yagwa mu mazzi, omubuyaga gwa lekeraawo era eryato neritereera! Yona bwe yatandika okuwuga ng’adda ku lubalama, ekyennyanja ekinene kyajja ne kimumira. Okumala ennaku ssatu n’ebiro bisatu,

Yona yali mu lubuto lw’ekyennyanja ng’akola ekintu kyokka kye yali asobola okukola; okusaba. Yasaba Katonda amusonyiwe, ne yeenenya ebibi bye era n’ayatula nti ajja kukola kyonna Katonda ky’anaaba amugambye okukola. Katonda yayanukula okusaba kwa Yonang’ayita mu kyennyanja okumuwandula ku lukalu.

### Enkozesa mu Bulamu (Essomo 3)

Bwe ndaba ekibi kyange, nina okwenenya era ne nkireka.

### Olugero lw’Okujjukira (Essomo 3)

“Kale mwenenye, mukyuke, ebibi byammwe bisangulibwe, ebiro eby'okuwummuzibwa mu maaso ga Mukama bituuke.” Ebikolwa 3:19

### Akalimu (Essomo 3)

Wiiki eno, faayo nnyo ku kintu ekibi ky’oyogera oba ky’okola ekikuleetera okuswala mu mutima era ky’otandiyagadde kukwatibwa ku katambi ensi yonna okukiraba. Weenenye. Saba Katonda akuyambe omalenga kulowooza era OYIMIRIRE nga tonnaba kuddamu kukikola.

### DNA ya Katonda (Essomo 3)

Kiki kye tuyiga ku Katonda mu ssomo lino? Katonda asinga kwagaliza abantu be okumugondera mu kifo ky’abantu okuba n’obulamu obwangu.






## Akaseera k’Okunyumirwa! (Essomo 3)

### Akazannyo (Essomo 3)

Emikira gy’ebyennyanja

Buli mwana muwe sitookisi enkadde (wuzi w’ebitambaala, oluguwa oba akogeye byonna biyinza okukola) ey’okussa mu nsawo ye oba mu laasitiika y’omu kiwato. Ekigendererwa ky’akazannyo kano kya kusika “emikira” gya abayizi banno naye ng’ate ogugwo tebagukusiseeko. Buli muzannyi aggyibwaako omukira gwe, alina okutuula wansi naye singa omuzannyi akyalina omukira amuyita okumpi, akkirizibwa okumusikako ogugwe era n’agukozesa okudda mu kazaanyo.

### Okukubaganya Ebirowoozo (Essomo 3)

(By’abayizi abakulu)

1. Lukka 11:30 etugamba okugeraageranya Yona ku Yesu. Biki by’oyinza okuzuula mu ngeri y’olugero lwa Yona gye lufaanagana n’olwa Yesu?

Kano akalimu okukola obulungi, abayizi balina okwanukula ekibuuzo kino nga tobayambyeeko. Bagambe basome Yona era okkirize ennyanukula yonna erina akakwate ku kibuuzo. Wammanga tukuwa ebimu ku byefaananyiriza:

- Ennaku 3 mu ntaana/lubuto lw’ekyennyanja



- Okutambuza ekigambo kya Katonda
- Olugendo/okutambula ewawanvu
- Okwebaka wansi mu lyato mu mubuyaga
- Okukkakkanya omubuyaga
- Okubuulira ku kwenenya
- Abatemu okwagala okwegaana okutta omusajja atalina musango
- Okugobebwa mu maaso ga Katonda
- Ekiryo/omuti ogukaze wabweru w'ekibuga

2. Njawulo ki eri wakati w'obutafaayo ku biragiro n'okubijeemera?


Mu ngeri emu, bye bimu kuba byombi bireetawo ekintu kye kimu. Mbeera sikoze kiki kiba kindagiddwa. Mu Baibuli kyeraga kyokka nti Katonda afaayo nnyo ku mitima gyaffe n'ebigendererwa byaffe NAYE ebiseera ebimu tufuna eby'okwekwasa nga tugamba nti tetulina kuvunaanibwa lwa bikolwa byaffe kuba ekyo si kye twagenderedde okukola. Gamba abaana bakubaganye ebirowoozo ku nsonga eno.

3. Bikolwa ki ebibi ennyo ebiteetaaga kusonyibiwa?

Mwogere n'abayizi bo kubikolwa n'obutemu, okutulugunya n'ebibi ebirala ebiraga nti omuntu yabadde tatawaaana nakutereeza. Ate abantu abaguza abaana abato enjaga? (Yona yali tayagala Katonda asonyiwe abantu ba Nineeve naye Katonda waakisa era asonyiwa buli omu.)

## Ennyanukula y'Empapula z'Abayizi (Essomo 3)





## Okugezesa kwa Lukka (Essomo 3)

Abaana bagambe bakole akazinga okuva mu kitumbuuwa. Ekitumbuuwa balina okukisala era ne basimbamu akati (okulaga omuti) era ne bakissa mu bbaafu omuli amazzi okulaga ennyanja. Okwongera okunyumirwa, mukube era musiige ekyennyanja n'ebintu ebirala omuntu ali ku kazinga by'ayinza okulaba. (Laba ebisingawo ku YouTube)
https://www.facebook.com/childrenareimportant/videos/1291904010845979/

# --[ OMUSANGO 4 ]--

## OBUJULIZI! (ESSOMO 4)

### OBUJULIZI #1 OMUTWE (ESSOMO 4)
Omusango gw'omuyambi omwekusifu

### OBUJULIZI #2 KATEMBA (ESSOMO 4)
Anyumya: Olugero luno si lwa ddala naye amannya agamu n'ebifo bikyusiddwa okubikkirira abantu abatalina musango.
Poliisi: Ssebo, nze ne munnange tulina ebibuuzo bye twagala okukubuuza.
Atambuza ebigere: Kale mukamawange. Kino kikwata ku ki?
Poliisi: Twafunye amawulire agakwata ku mmotoka eyatomedde omuntu ekiro n'emala n'edduka ekiro ekyakeesezza leero.
Atambuza ebigere: Nga kitalo. Nze ky'ova olaba nga sitambula ku nguudo ezo ekiro. Mwe abaserikale muli batono naye amakubo gajjudde abatemu.
Poliisi: [n'atunuulira munne] Sinnaba kwogera ku batemu. Ggwe waaboogeddeko?
Poliisi 2: Nedda, sinnaba.
Poliisi: Ggwe wategedde otya nti baabadde batemu? Tubuulire wa wewabadde ekiro ekyakeesezza leero.
Atambuza ebigere: [n'assa ekikkoowe] Nabadde ngenze kukyalira abantu bange mu kibuga ekiddako era ekiro natambudde ne nkomawo nsobole okugenda ku mulimu kumakya ga leero.
Poliisi: Ekitegeeza wabadde ku kkuubo eryo ekiro?
Atambuza ebigere: Yee ssebo.
Poliisi: Walabye ku musajja obuwanvu bwe 180cm, ekiwago kye kiri wakati awo, masiikini eyakubiddwa ng'ali ku mabbali g'oluguudo?
Atambuza ebigere: Nyinza okuba nga nnina kye nnalabye naye saamwetegerezza.
Poliisi 2: [n'aggyayo akatabo n'awandiika]
Poliisi: Tewamulabye oba tewayagadde bwagazi kumulaba?
Atambuza ebigere: Ssebo, nina okwetegeka kuba banneetaaga ku mulimu. Bino saagala kubiyingiramu. Watya bampita okuweereza? Ani amanyi akaseera akayinza okuyitawo nga tebannaba kuddamu kumpita?
Poliisi 2: Ha ha ha ha. Yagaanye okuyamba kuba yatidde nti bayinza okumuyita okuweereza. Ha ha, ekyo kisesa. Kati baakuyise?
Atambuza ebigere: Ekyo tokifaako kuba si kikulu.
Poliisi: Ebyo by'ebibuuzo bye nnina. Singa mba nkwetaaze, nsobola okukukubira essimu?
Atambuza ebigere: Ssaawa yonna. Nja kuba musanyufu okuyamba.

Poliisi 2: [n’atunuulira ow’ebigere nga tamukkiriza]


### Obujulizi #3 Ekintu (Essomo 4)

Leeta mu kibiina ekintu ekirabwaako ng’obujulizi: ka pulasita.




### Obujuliz #4 Ebyaliwo (Essomo 4)

Okutuuka ku mulyango gw’eddwaliro, eddwaliro erya bulijjo. (Ekyama: Wa omusamaliya gye yandisiindise omusajja eyakubwa abatemu ayambibwe.)



### Obujulizi #5 Akafo mu Baibuli (Essomo 4)

Ekyama: Ensawo enkalu ensumulule kuba yabbiddwa, seeti z’ebigere 2 ebya Kabona n’Omufalisaayo ku ludda luli olw’oluguudo, ebyapa ku ttaka ebiraga omusajja eyakubiddwa weyabadde agudde naye nga kati takyaliwo.

# OMUSANGO GUGGADDWAWO

## Omusango Guggaddwawo! (Essomo 4)

### Olugero lwa Baibuli (Essomo 4)

**Omusamaliya Omulungi**

**Okuva mu Baibuli: Lukka 10:25-37**



Omu ku bakakensa mu mateeka yagezesa Yesu n’akakunizo nti “kiki kyennina okukola okusikira obulamu obutaggwaawo?” Yesu yamuddamu n’ekiragiro ekisinga obunene: “Yagalanga Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna, n'emmeeme yo yonna, n'amaanyi go gonna, n'amagezi go gonna; ne muliraanwa wo nga ggwe bwe weeyagala wekka.” Omukugu yagezaako okuwalira ng’abuuza “ani muliraanwa wange?” Mu kifo ky’okumuwa olukalala lw’abantu baalina okuyisa obulungi, Yesu yamulaga engeri y’okuba omuliraanwa omulungi ng’ayita mu lugero luno wammanga.

Omusajja omu yali atambula ku lugudo oluva e Yerusaalemi ng’adda e Yeriko n’alyoka agwa mu batemu ne bamukuba era ne batwala n’engoye ze ne bamuleka ng’anaatera okufa. Omusajja yali yeebase awo mu ttaka ng’omusaayi gumuggwaamu era ng’ali bwereere n’alengera kabona. Naye mu kifo ky’okumuyamba, kabona yayita ku ludda luli

olw’oluguudo. Nga wayise akaseera katono, omusajja omulala okuva mu kika eky’abantu abatya Katonda (Abaleevi) yajja. Naye bwe yamutunula mu maaso, yasala mangu ekkubo aleme kubeera kumpi n’omusajja ono. Awo ne walyoka wajja omusajja omugwira eyali tayanirizibwa mu kkanisa era nga tamanyi bulungi kusinza Katonda (Omusamaliya) n’alaba omusajja ono era n’amukwatirwa ekisa. Omusajja ono yayimirira, n’amuyamba, n’amuvuga mpaka ku wooteri era n’asasulira buli kimu: eby’okusula, emmere, n’omuntu w’okumulabirira.
“Kale olowooza otya, aluwa ku abo abasatu, eyali muliraanwa w'oyo eyagwa mu batemu?” Omukugu mu mateeka n’addamu nti, “Oli eyamukolera eby'ekisa.” Yesu n'amugamba nti, “Naawe genda okole bw'otyo.”

### Enkozesa mu Bulamu (Essomo 4)

Ng’omusamaliya omulungi, neetaaga okuba ow’ekisa eri buli muntu.

### Olunyiriri lw’Okujjukira (Essomo 4)

“Kubanga bwe munaayagalanga ababaagala, mulina mpeera ki? N'abawooza tebakola bwe batyo?” Matayo 5:46

### Akalimu (Essomo 4)

Funayo omuntu atali mukwano gwo omutuukirire mu ngeri y’omukwano. Osobola okumuyita okuzannya naawe nga muvudde ku ssomero oba n’omuyita ne mutuula wamu okulya ekyemisana.

### DNA ya Katonda (Essomo 4)

Kiki kye tuyiga ku Katonda mu ssomo lino? Katonda ayagala tuyambe abantu abalala.






## Akaseera k’Okunyumirwa! (Essomo 4)

### Akazannyo (Essomo 4)

Koona ku munywanyi
Kano akazannyo ka wabweru era keetaaga waakiri abazannyi 6 (naye bwe basukkamu kiba kirungi). Okutandika, omuntu omu y’abeera “ekyo” n’omulala nga ye muddusi. Buli mwana afune munywanyi era beekwate ku mukono bagende mu kisaawe. “Ekyo” agenda kugezaako okukoona ku muddusi. Kati omuddusi alina okufunayo abanywanyi abapya babiri nga “ekyo” tannamukoonako. Omuddusi bw’afuna abanywanyi bano, omu ali ku ludda luli alina okuvaako n’afuuka omuddusi. Omuddusi singa tafuna banywanyi bapya era “ekyo” n’amukoonako, y’aba kati alina okufuuka “ekyo” era “ekyo” n’afuuka omuddusi.
Kano k’abo abaana abatannatandika kusoma:  Nabbubi w’omukwano
Abaana batuuze mu ssaako ku ttaka. Funayo ekidondi kya wuzi aluka ebitambaala by’okummeeza era okikozese okusonga ku mwana obuuze, “Mba musanyufu nnyo ddi?” Omwana bw’aba ayanukula muwe ekidondi kya wuzi naye osigale ng’onywezezza akaguwa wuzi kw’atandikira. Oyo omwana bw’amala

okwanukula, buuza omulala ekibuuzo kye kimu era naye mu muwe akwate akaguwa okuva ku kidondi mpaka nga buli mwana ayanukudde. Akazannyo abaana bwe kaba kabanyumidde, osobola okukyusa ekibuuzo ne kifuuka, “Mba munakuwavu ddi?” Musigale nga muyisa wuzi nga buli mwana asigala akutte ku kaguwa. Bwe mumaliriza, abaana bagambe basituke nga banywezezza obuguwa bwaabwe. Awo muba mukoze nabbubi w’omukwano.

## Okukubaganya Ebirowoozo (Essomo 4)

(By’abayizi abakulu)

1. Osobola otya okubeera muliraanwa eri omwana omupya ku ssomero? Ate masikiini? Ate mugandawo omuto oba mwannyoko atera okukunyiiza?

Abaana leka boogere ku kuyamba bannaabwe ne bwe baba tebaagala oba ekiyinza okubatuukako singa bannaabwe babalaba nga bayamba omwana omupya. Mwogere ku ngeri gye kiri ekizibu okwagala okuyamba baganda baffe abato.

2. Muwe eky’okulabirako ky’omuntu omumanyifu eyagaanye okukkiriza ensobi ye. Bayinza kweyisa batya mu mbeera eyo singa baaba bagezaako okwagala Katonda ne muliraanwa waabwe?




Bannabyabufuzi, abayimbi, bannabyamizannyo batera okubeera mu mawulire olw’okweyisa obubi. Noonyayo omu abaana gwe bamanyi mwogere ku kiki kye yakola. Abaana bwe banaaba beenyigidde mu kwogera ku njuyi zombi, emboozi gitambuze oggyizze ku kiki omuntu oyo kye yandibadde akola okulaga okwagala Katonda. Tomala gakkiriza okwanukula okusooka. Sigala ng’obabuuza basobole okugenda mu maaso nga bakubaganya ebirowoozo.

3. Nnyonnyola embeera omuntu mwe yali agezaako okugoberera etteeka erimu ate n’amaliriza ng’amenye etteeka eddala ery’amaanyi.

Musobola okwogere ku mateeka g’essomero, amateeka ga Poliisi, amateeka g’ekkanisa oba ekifo ekirala kyonna ekirina amateeka agatategeerekeka bulungi. Okugeza: Okuvunaanibwa olw’okuddukira mu lukuubo ku ssomero ate ng’obadde okikola oleme kukeerewa mu kuyingira ekibiina oba okuvunaanibwa ogw’okwogera ate ng’obadde osaba kkalaamu. Oyinza okuyuza essweeta yo ng’obuuka sengenge oleme kukeerewa naye ate ewaka ne bakuvunaana.

## Ennyanukula y'Empapula z'Abayizi (Essomo 4)










## Okugezesa kwa Lukka (Essomo 4)

Kuno ogugezesa kuyamba omuntu okulaba entegeera era kulaga engeri entegeera yaffe bw'ekyusa engeri gye tulabamu ebintu. Olaba obusittale buno obubiri n'engeri akamu gye kalabikanga akawanvu. Ekirowoozo ekyokubiri kiranga ng'obusittale bwe bukiikiddwaamu naye ate tebufaanana kuba ng'obukiikiddwaamu. Eky'okulabirako ekyokusatu kya mwana n'emmese nga wakati waabwe waliwo akantu. Bw'okoona ennyindo yo ku kantu ako, emmese ebanga esembedde okumpi n'omwana. Abayizi bo bonna bagambe bakole eby'okulabirako byonna 3 nga bwe biri mu katambi. (Laba ebisingawo ku YouTube)
https://www.facebook.com/childrenareimportant/videos/1291919184177795/







# --[ OMUSANGO 5 ]--

## OBUJULIZI! (ESSOMO 5)

### OBUJULIZI #1 OMUTWE (ESSOMO 5)

Omusango gw'omuguwa gw'okwetuga

### OBUJULIZI #2 KATEMAB (ESSOMO 5)

Anyumya: Olugero luno si lwa ddala naye amannya agamu n'ebifo bikyusiddwa okubikkirira abantu abatalina musango.
Poliisi: Nyabo? Nsaba ompe ku kadde.
Omukyala: Wanji afande?
Poliisi: Nina ebibuuzo ebitonotono bye njagala okukubuuza.
Omukyala: Ggwe afande anyirira bw'atyoosobola okumbuuza kyonna ky'oyagala.
Poliisi: Ah, ha, kale, mbadde mbuuza oba olina kye walaba ekiro nga tewannaba kubaawo kulanga kwakubiri.
Omukyala:Otegeeza busukka kkubo mu nnyumba ya Zereshi ne bba?
Poliisi: Ky'ekyo kyennyini.
Omukyala: Ebintu tebitegeerekeka bulungi kuba yabadde amaze wiiki nnamba ng'alina abakozi abazimba mu luggya lwe.
Poliisi: Genda mu maaso. [n'aggyayo akatabo n'abaako by'awanddika]
Omukyala: Nkimanyi nti kifaanana ng'eyeetuze naye nze ndaba kibuzaabuza. Waliwo ekitali kituufu ku nsonga eyo yonna.
Poliisi: Tolowooza nti yesse yekka?
Omukyala: Nze ndowooza kyenyanyaza. Waliwo omusajja omukyamu naye ndowooza ekyo tekikyaali kizibu kyange. Nnali nkakasa nti alina gw'akolera olukwe naye ate ennaku eziyise ne mpulira ng'alangirira mu kibuga nga bw'ali omuntu mulamu... naye tubatukyali kw'ebyo ne nnengera muliraanwa wange ng'alengejja ku muguwa ku lubalaza lwe!

### OBUJULIZI #3 EKINTU (ESSOMO 5)

Leeta mu kibiina ekintu ekirabwaako ng'obujulizi: obubapula obumasamasa.

### OBUJULIZI #4 EBYALIWO (ESSOMO 5)

Ekifaananyi ky'entaana ya Kabaka Akaswero, eyali ayitibwa omukulembeze Alutagizerugizi (486-465 BC). Entaana ye eri mu Yiraani mu kifo ky'ebyafaayo ekiyitibwa Naqsh-e Rustam nga kwe kuli n'etaana za Bakabaka ba Persia abamanyikiddwa. (Eikifaananyi kyakubibwa Amir Hussain Zolfaghary) (Ekyama: Alutagizerugizi ye Kabaka okuva mu kitabo kya Eseza mu Baibuli.)




### Obujulizi #5 Akafo mu Baibuli (Essomo 5)

Ekyama: Ekirango ekiriko akabonero ka Kabaka n'empeta y'akabonero kano emabbali.  Eseza 3:12 ne 8:8



# OMUSANGO GUGGADDWAWO

## Omusango Guggadwawo! (Essomo 5)

### Olugero lwa Baibuli (Essomo 5)

**Eseza**

**Okuva mu Baibuli: Eseza 2-7**



Eseza yali muwala mulungi era ng'alina oluganda ku Moluddekaayi eyali omuweereza omwesimbu era Omuyudaaya owa Kabaka Alutagizerugizi. Alutagizerugizi yali anoonya omukyala omupya omubalagavu. Moluddekaayi yanyiriza Eseza okumala emyezi 12 nga tannaba kumusisinkanya Kabaka. Eseza yali alabika bulungi nnyo era Kabaka Alutagizerugizi yagwa mu mukwano naye mangu ddala n'amuwasa. Kamani yali muduumizi w'amagye ga Kabaka Alutagizerugizi; yali tayagalira ddala Bayudaaya era yali atera okwewaana ku mulyango gw'olubiri abantu basobole okumuvunnamira. Buli omu yali amuvunnamira okuggyako Moluddekaayi; ye yali avunnamira Katonda omu yekka. Obukyayi Kamani bwe yalina eri Moluddekaayi bwamuwaliriza okupanga olukwe okutta Abayudaaya bonna. Yagamba Kabaka nti waaliwo abantu abaali bagaanye okugoberera amateeka ga Kabaka. Kabaka Alutagizerugizi yagamba Kamani akole kyonna ekyetaagisa. Kamani yayisa ekiragiro nti buli Muyudaaya attibwe. Yazimba ekifo ekinene mu luggya lwe eky'okutugirako Moluddekaayi. Eseza bwe yawulira ku lukwe luno yamanya nti alina okubaako ky'akola. Yafumba ekijjulo ekinene era n'ayita Kabaka ne Kamani. Kabaka yagamba Eseza amusabe kyonna ky'ayagala nti ajja kukimuwa ne bwe kiba kitundu kya bwakabaka bwe. Eseza yagamba nti ye yali ayagala

bantu be kutaasibwa kuba Kamani yali apanga okubatta. Kabaka yanyiiga nnyo era n'avaawo. Bwe yakomawo, yalowoonza nti alabye Kamani ng'alumba Nnabagereka we. Kabaka yanyiiga nnyo era n'alagira Kamani bamutugire mu kifo kiri kye yali azimbidde Moluddekaayi mu luggya lw'ennyumba ye!

### Enkozesa mu Bulamu (Essomo 5)

Katonda ebiseera ebimu aggya kunneetaaga okubeera omugumu era nkole ebintu ebiyinza okundeetera ettabu ku lulwe.

### Olugero lw'Okujjukira (Essomo 5)

"Si nze nkulagidde? Ddamu amaanyi, guma omwoyo; totyanga, so teweekanganga kubanga Mukama Katonda wo ali naawe buli gy'onoogendanga yonna." Yoswa 1:9

### Akalimu (Essomo 5)

Katonda ayinza okuba nga yannonda okutaasa abalala era yanzisa ku nsi olwa "akaseera nga kano". Gamba muliraanwa wo nti oli Mukristaayo omusabe okugenda naawe mu kkanisa wiiki eggya.

### DNA ya Katonda (Essomo 5)

Kiki kye tuyiga ku Katonda mu ssomo lino? Katonda bw'aba ayagala okununula abantu be, atera okukozesa omugoberezi gwe tutayinza kusuubira.






## Akaseera k'Okunyumirwa! (Essomo 5)

### Akazannyo (Essomo 5)

Kamani, Moluddekaayi, Eseza

Omuzannyo gufaanana nga guno gwe bayita "olwazi, olupapula, makansi" oba "rock, paper, scissors". Eseza akuba Kamani, Kamani n'alumba Moluddekaayi ne Moluddekaayi n'abikkiriza Eseza.

Abaana baawulemu tiimu bbiri nga wakati waazo waliwo akakuubo ka fuuti 4. Buli tiimu gigambe bagende mu kasonda bamale okusalawo ani agenda okubeera Kamani, Moluddekaayi, oba Eseza.

Ng'eri mu kasonda ako tiimu erina okusalawo ani agenda okubeera ani n'omuntu anaamuddira mu bigere. Awo bakomewo ku kali akafo awali akakuubo ka fuuti 4. Bala mpaka ku ssatu buli tiimu eyogerere waggulu ani gwe bali. Singa tiimu emu egamba "Eseza!" endala n'egamba "Kamani", tiimu ya Eseza egobe tiimu ya Kamani ng'egyizza mu kifo kyayo eky'emirembe (osobola ebifo bino okubissaawo ng'okozesa obuti, obusittale oba ekintu ekirala). Omuntu yenna akwatiddwa akyuka n'adda ku tiimu eri. Singa tiimu zombi z'ogera erinnya lyerimu, baddemu nga bakozesa omuntu oli gwe baloonze adda mu bigere by'oyo asooka.

### Okukubaganya Ebirowoozo (Essomo 5)

(By'abayizi abakulu)

1. Kiki ky'oyinza okukola okuweereza Katonda n'ebitone by'akuwadde?



Leka abaana b'ogere ku bintu ebirabwaako bye bandiyagadde okukyusa ng'ennyindo, akalevu, amaaso, omumwa, n'ebirala. Tobakkiriza ku kongoola bannaabwe olw'ebintu bino. Awo mala emboozi ojizze ku magezi n'ebitone ebyekusifu n'eddwadde ez'ekika. Ebintu bino byonna biri mu nkola ya Katonda. Twetaaga okukkiriza byonna Katonda bye yatuwa newakubadde tetubyagala. Katonda ayinza okuba nga yakuwa langi eyo ey'omubiri osobole okutuukiriza entegeka ze.


2. Kiragiro ki ekikyasinze okukukaluubiriza okugondera?


Gezaako okuwa buli mwana olukusa okwogera ku buwanguzi bwe yali atuuseeko basobole okutegeera nti buli omu agondera Katonda mu ngeri yiye. Abaana beewaze okwewaana. Eby'okulabirako: okugenda ku dduuka mu nzikiza, okuyita ku nnyumba y'omwana akutulugunya ng'ogenda ku ssomero, oba okuddamu akalimu akabadde tekateredde.


3. Abantu bo nga ba Ssenga ne Kojja balaze batya nti bakufaako?

Baleke boogere ku bajjajja, bassenga, bakojja, abaana ba bassenga n'abalala. Gezaako okuziiza engero embi ku b'ekika. Okwanukula kujja kwawukana naye kkiriza kyonna ekyekuusiza ku "okumpa ebyokulya" oba "okunfunira omulimu ew'omuntu gwe bamanyi."

## Ennyanukula y'Empapula z'Abayizi (Essomo 5)



## Okugezesa kwa Lukka (Essomo 5)

Abaana bagambe bakozese obuseke bubiri obutenkana mu bugazi ne soroteepu okukola loketi ebuuka mu bbanga. Loketi eno ekola bw'ofuuwa mu kaseke akamu, akokubiri ne kabuuka mu bbanga. Ssawo empaka ez'okulaba loketi ekyasiinze okubuuka mu bbanga, okugenda ewala oba etambula obulungi. (Laba ebisingawo ku YouTube)
https://www.facebook.com/childrenareimportant/videos/1291929934176720/

# --[ OMUSANGO 6 ]--

## OBUJULIZI! (ESSOMO 6)

### OBUJULIZI #1 OMUTWE (ESSOMO 6)

Omusango gw’obujulizi bw’ebyobulamu obukyusiddwa

### OBUJULIZI #2 KATEMBA (ESSOMO 6)

Anyumya: Olugero luno si lwa ddala naye amannya agamu n’ebifo bikyusiddwa okubikkirira abantu abatalina musango.
Owa kasasiro: [ayogera ku ssimu] Halo, ow’essimu za Poliisi? Njagala kubaako kye mpaaba.
Ow’essimu za Poliisi: [ng’alinga atayagala kumanya] Wanji ggwe owa kasasiro?
Owa kasasiro: Wano wonna wajjudde pulasita ne bandeji enkozese.
Ow’essimu za Poliisi: Kozesa gilaavuzi oziggyewo.
Owa kasasiro: Nedda, tokitegedde. Zijjudde buli wamu. [n’ayagala okusesema] Wano walabika waabaddeyo abantu kumpi ddaziini nnamba abalina ekirwadde abaababadde baggyako bandeji nga bazisuula wano. Ekifo kyonna kyenyanyaza.
Ow’essimu za Poliisi: Kale, oliwa?
Owa kasasiro: Ndi bugwanjuba w’ekyalo ekiri ku makubo agadda mu maserengeta okuva ku luguudo lwa Yerusaalemi.
Ow’essimu za Poliisi: Kale, Afande Yoweeri y’ali ku mulimu. Nja kumugamba ayitireyo ng’amalirizza alipoota ku kirindi ky’abantu abagenda okuyita mu kibuga.
Owa kasasiro:  Nedda, tosindika Afande Yoweeri. Tajja kunnyamba.
Ow’essimu za Poliisi: Owaaye, y’afande yekka aliwo kati mpozi ng’onaalinda essaawa 2 ng’abaserikale abalala batuuse ku mulimu.
Owa kasasiro: Kale, tofaayo. Bino nja kubirongoosa [n’ayagala okusesema] nzeka [n’ayagala okusesema].


### OBUJULIZI #3 EKINTU (ESSOMO 6)

Leeta mu kibiina ekintu ekirabwaako ng’obujulizi: essuuka enjeru.

### OBUJULIZI #4 EBYALIWO (ESSOMO 6)



Essinzizo lya Yerusaalemi nga bwe lifaanana leero. (Ekyama: Abagenge gye baali balina okugenda okwebaza nga bamaze okuwonyezebwa nga Yesu bwe yali abalagidde.)



### 5 Obujulizi #5 Akafo mu Baibuli (Essomo 6)

Ekyama: Amabakuli kkumi ag'abagenge 10 wabweru w'ekisenge kuba abagenge baali balina kuwangaalira wabweru w'ekibuga.

# OMUSANGO GUGGADDWAWO

## Omusango Guggaddwawo! (Essomo 6)

### Olugero lwa Baibuli (Essomo 6)

**Abagenge 10**

**Okuva mu Baibuli: Lukka 17:11-19**



Akabanga akatono okuva ku kyalo kye, Yesu yali atambula ku kkubo eryawula Samaliya ne Galiraaya ng'adda Yerusaalemi awaali weetaaga kumpi essaawo 30 okutuukayo. Bwe yayingira mu kyalo, abasajja 10 abagenge baamuyita nga bagamba nti, "Yesu, mukama waffe, tusaasire!" Ebigenge bwali bulwadde bwa ttabu obwali bulya engalo, ebigere, ennyindo n'amatu era nga kyali kikukakatako okubuulira abantu nti oli mulwadde. Yesu bwe yabalaba yabagamba nti, "Mugende mwerage eri bakabona." Okusinziira ku kiragiro kya Musa, singa baali bawonye, baali bakkirizibwa okuddamu okubeera n'abantu abalala era n'okuyingira mu masinzizo ne basinza. Baali tebannaba kuwonyezebwa era Yesu kye yali abagambye kyababuzaabuza.

Baatandiika okutambula bagende e Yerusaalemi era nga bali mukutambula, baawonyezebwa/baalongooka! Omu ku bbo eyali omugwiira atayagalwa, yalaba ng'awonye era n'adduka mangu n'adda ewa yesu. Yeebaza Katonda ng'ayimiridde akabanga okuva Yesu weyali naye n'amala n'asembera mu maaso ga Yesu n'agwa ku bigere bye n'amwebaza. Yesu yeewuunya kuba bonna yali abawonyezza era n'abuuza omusajja ono nti, "Mwenna ekkumi temuwonyezeddwa? Bali omwenda bali wa? Tewali mulala yenna yasazeewo kuggya kwebaza Katonda okuggyako omugwiira ono?" Awo Yesu n'azzaamu amaanyi mu musajja ono eyali yeebazizza okuwonyezebwa kwe ng'amugamba nti, "Yimuka, ogende: okukkiriza kwo kukuwonyezza."

### Enkozesa (Essomo 6)

Ng'abagenge, neetaaga okugamba Katonda nti "neeyanzizza" olw'ebyo by'ankoledde.

## Olunyiriri lw'Okujjukira (Essomo 6)

"Mwebazenga mu kigambo kyonna kyonna: kubanga ekyo Katonda ky'abaagaliza mu Kristo Yesu gye muli." 1 Abasessaloniika 5:18

## Akalimu (Essomo 6)

Kola olukalala lw'ebintu bisatu by'otannaba kulowooza kwebaliza Katonda. Mu bintu bye tutera okwebaza mulimu emmere, engoye, n'abantu baffe. Abaana bagambe banoonye ebintu ebirala eby'okwebaza; ebintu nga: okukuyamba okuzuula ekintu ekibadde kibuze, okuzizza enkuba obutagwa mpaka ng'otuuse ku ssomero, okuvuga akagaali ko leero naye n'otagwa, okukusobozesa okwogera ebigambo ebirungi byokka eri mugandawo omuto, n'ebirala.

## DNA ya Katonda (Essomo 6)

Kiki kye tuyaga ku Katonda mu ssomo lino? Katonda ayagala abantu bamugondere era bamwebaze.






# Akaseera k'Okunyumirwa! (Essomo6)

## Akazannyo (Essomo 6)

Baka olweyo

Abazannyi bonna bakole ssaako okwetoloola omuzannyi omu abeere mu makkati. Buli muntu ali mu ssaako aweebwe ennamba. Omuzannyi ali mu makkati ayimirire n'olweyo ng'alusimbye ng'akozesa akagalo kamu. Nga talina gw'alabudde aggye olugalo ku lweyo era ayogere ennamba mbagirawo. Omuntu eyaweereddwa ennamba eyo assembere mu maaso agezeeko okubaka olweyo nga telunnaba kugwa wansi. Bw'alukwata, afuuke omuzannyi owa wakati. Bw'alemererwa addeyo mu ssaako.

## Okukubaganya Ebirowoozo (Essomo 6)

(By'abayizi abakulu)

1. Lwaki tetukyalaba kuwonyezebwa kungi ennaku zino?

Abaana bagambe boogere ku kuwonyezebwa Katonda kw'akoze mu kkanisa oba mu kibuga. Mwogere ku kiki enzikiriza yammwe ky'egamba ku kuwonyezebwa. Mwogere ku kiki ekiyinza okuba nga kikendeeza okuwonyezebwa : okukkiriza okukendeera mu bantu, abayigirizwa batono abalina ekirabo ky'okuwonya, okutulugunyibwa kwa abantu okuyitirira mu kitundu kyammwe, abantu batono abasaba okuwonyezebwa, oba obutaba na mwoyo ku mutima.



2. Nsonga ki eziyinza okunnemesa okufuna okuwonyezebwa kwe nnoonya?

Obutaba na kukkiriza, oba Katonda alina entegeka endala gy'oli era asobola okulaba ebiseera byo eby'omu maaso, oba ebigendererwa byo tebyali birungi. Kiyinza n'okuba nti okuwonyezebwa


tekyandibadde kirungi gy'oli, oba olw'ebibi mu bulamu bwaffe, oba akadde tekannatuuka, oba Katonda erinnya lye lisitulwa mu bulwadde bwo.


3. Abagenge 10 kyali kyatteeka okubawonya?

Ennaku zino abantu beeyagaliza buli kimu era bangi balowooza nti balina kye babanja ensi era kibaleetera obutasiima. Kiki kyetuteekeddwa okuba nakyo? Omulimu gwo ng'omusomesa gwa kuyamba bayizi bo okumanya nti tewali kye babanja nsi. Tulina kwebaza olw'ekyo kye tuli n'ebyo bye tulina kuba ebyo by'ebintu Katonda by'atuwadde tusobole okukola omulimu ogwatuteesa kuno ku nsi.

## Ennyanukula y'Empapula z'Abayizi (Essomo 6)



## Okugezesa kwa Lukka (Essomo 6)

Abaana leka bawete ekitundutundu kya kaadiboodi okukola ekitundu kya ssaako. Mumale mukivuunike ku mmeeza era abaana bafuuwe wansi wakyo okulaba ng'omukka ogutambula amangu bwe gulina amaanyi amatono kw'ogwo ogutambula empola. Omukka oguddukka sipiidi waggulu w'ennyonyi gwe gugireetera okusituka mu bbanga. (Laba ebisingawo ku YouTube) https://www.facebook.com/childrenareimportant/videos/1291958180840562/

# --[ OMUSANGO 7 ]--

## OBUJULIZI! (ESSOMO 7)

### 1 OBUJULIZI #1 OMUTWE (ESSOMO 7)
Omusangogw'obwana bw'embwa obumala galabika

### 2 OBUJULIZI #2 KATEMBA (ESSOMO 7)
Anyumya: Olugero luno si lwa ddala naye amannya agamu n'ebifo bikyusiddwa okubikkirira abantu abatalina musango.
Pod: Jajja omusajja azaala jajja azaala jajja azaala jajja azaala jajja?
Jajja omusajja: Wanji, muzzukulu?
Pod: Osobola okunnyamba ku kalimu k'okunoonyereza ke baatuwadde ku ssomero?
Jajja omusajja: Yee. Jangu ng'ongoberera nga bwe nkola emirimu gyange. Neetaaga okusula nga wano mmaze okulimawo nneme kukeerewa mu ntegeka zange ez'okulima. [n'asangula entuuyo okuva mu kyenyi]
Pode: Kirungi nnyo! Ngenda kukola okunoonyereza okukyasiinze. Ndi mu kukola okunonyereza ku muntu asinga obukulu gwe mmanyi n'ebyo by'ajjukira okuva ng'akyali muto.
Jajja omusajja: Nze gwe waloonze mu nsonga eyo?
Pod: Yee. Kati mbuulira ku nsozi ezo. Wano zaatuukawo zitya?
Jajja omusajja: [n'assa ekikkoowe] Nyinza okuba nga ndi mukadde naye sisinga ttaka bukadde.
Pod: Kale, ate omugga?
Jajja omusajja: Nalabako ku migga emitono egiguyiwamu amazzi naye nnali nkyali mwana muto ate siddanga yo eyo.
Pod: Kati kiki ky'ojjukira okuva mu myaka gyo eby'obuto?
Jajja omusajja: Ensolo. Nze n'omugole wange twafulumanga wabweru okulya ekyenkya nga tuzitunuulira nga zizannya. Nateranga okumusongera ku emu ku zzo ne mugamba nga bw'eri embalagavu ng'abuuza eriwa, eyakitaaka oba emmyufu egiri waggulu? Oluvannyuma ng'ategedde ensolo gye nnali ntegeeza, twaddanga ku kyenkya kyaffe ne tulya nga bwe tunyumirwa biki ensolo bye zaali zikola.
Pod: Mazima? Ekyo nga kyali kya kabi?
Jajja omusajja: Yee, kaalinga kaseera kalungi. Tomanya, osonga ggwe oba omu ku baana bo alifuna omukisa gw'okuddamu okuziraba mu bungi nga bwe kyaali edda.
Pod: Ekyo kijja kuba kisuffu.




### Obujulizi #3 Ekintu (Essomo 7)

Leeta mu kibiina ekintu ekirabwaako ng'obujulizi: Ekimuli.

### Obujulizi #4 Ebyaliwo (Essomo 7)

Ekifaananyi ky'omugga Tigris oguli e Bagdad leero. (Ekyama: Ekifo kino kyogerwaako mu ssuula 2 mu kitabo ky'Olubereberye ekya Baibuli.)



### Obujulizi #5 Akafo mu Baibuli (Essomo 7)

Ekyama: Ebitonde byonna bujulizi.

# OMUSANGO GUGGADDWAWO

## Omusango Guggaddwawo! (Essomo 7)

### Olugero lwa Baibuli (Essomo 7)

**Okutonda**

**Okuva mu Baibuli:Olubereberye 1**



Ku lunaku olwomusanvu, Katonda yawummula emirimu. Yalaba ng'ebitonde birabika bulungi era n'awummula emirimu. Naye okuddako emabega, ku lunaku olwasooka, Katonda yagamba "leka wabeewo ekitangaala" era ne kibaawo. Ku lunaku olwokubiri n'agamba "leka wabeewo eggulu" era ne libaawo. Ku lunaku olwokusatu Katonda yakola nyyo era n'atonda ettaka n'ebimera byonna ebiriko. Muno mwalimu buli kimuli, buli muti, ebisubi; era Katonda n'agaba nti kirungi. Ku lunaku olwokuna, Katonda yatonda enjuba n'omwezi bisobole okutuyamba mu kubala ennaku, emyaka n'ebiseera byonna. Yatonda n'emmunyeenye ezaakayakana ekiro. Olunaku olwokutaano lwaleeta ebisolo by'omumazzi n'ebinyonyi by'omu bbanga era Katonda n'abigamba bizaale byaale. Ebitonde ebinene n'ebitono byatondebwa ku lunaku olwomukaaga awo Katonda n'alyoka atonda omuntu. Katonda yassa omukka gwe ku ttaka omuntu n'abaawo!

Yaweebwa obuyinza ku buli kisolo n’ekimera kyonna. Katonda yakola ennimiro ey’ebbeeyi era n’addira Adamu n’amussaamu. Adamu bwe yeebaka, Katonda n’asalawo nti si kirungi abeere yekka era n’amuggyamu olubiriizi n’atonda Kaawa. Awo Katonda n’abawa ekiragiro ky’okuzaala baale bajjuze ensi. Katonda n’alyoka awummula ku lunaku olwomusanvu.

### Enkozesa mu Bulamu (Essomo 7)

Nga Adamu, nina obuvunaanyizbwa obw’okulabirira ebitonde ebinneetoolodde.

### Olunyiriri lw’Okujjukira (Essomo 7)

“Katonda n'abawa omukisa, Katonda n'abagamba nti, .... Mufugenga eby'omu nnyanja, n'ebibuuka waggulu, na buli ekirina obulamu ekitambula ku nsi." Olubereberye 1:28b

### Akalimu (Essomo 7)

Fukirira ekimera mu luggya lwo era okiggeko ebimera ebirala ebikitawaanya kisobole okukula obulingi.

### DNA ya Katonda (Essomo 7)

Kiki kye tuyiga ku Katonda mu ssomo lino? Katonda yeeyatonda buli kimu.






## Akaseera k’Okunyumirwa! (Essomo 7)

### Akazannyo (Essomo 7)

Akazannyo k’okutonda

Wandiika ebigambo enjuba n’omwezi ku lupapula; ssaako n’ebifaananyi okuyamba abayizi abato ennyo abatasobola kusoma. Olupapula lukwasize ku kisenge oba ku ttaka. Kolayo n’obubonero bw’ebitonde ebirala ebyogerwaako mu kitabo ky’Olubereberye n’ebinyonyi, ebyennyanja, emiti, ennyanja, n’ebirala. Okuzannya akazannyo kano, omusomeso ayogere erinnya ly’ekitonde abaana baddukke nga bagenda eri akabonero k’ekitonde ky’ayogedde. Omwana asembayo okutuukawo aba akazannyo “akafulumye” era ye addeyo atuule. Abaana abato bajja kunyumirwa okwefuula n’okutambula ng’ensolo nga bwe bagenda eri akifaananyi ky’ekitonde omusomesa ky’aba ayogedde.

### Okukubaganya Ebirowoozo (Essomo 7)

(By’abayizi abakulu)

1. Ggwe kiki ky’olowooza ku bazungu okutondawo abantu? Tusobola okukola abantu nga tuyita mu ssaayansi?

Abayizi leka b’ogere ku mirimu gya Katonda mu biseera by’okutonda nga bwe yatonda omuntu nga tamuggye mu kintu kyonna naye ate ffe twagala kukozesa ssaayansi we okubaako bye tutonda.

Mwogere ku mpisa ezikwata ku kukola omuntu ng’alina DNA efaanagana n’eyo’omuntu omulala n’ensi mmeka ezikkiriza kino n’ezikigaana.




2. Lwaki nnina okuwummulamu olunaku lumu mu wiiki ate nga tetukyaali wansi w’amateeka g’Endagaano Enkadde?


Kakasa nti osooka kwebuuza ku musumba w’ekkanisa yammwe okumanya lunaku ki enzikiriza yammwe lw’ejaguza Ssabbiiti n’engeri gye mukikolamu. Yogera n’abayizi bo era obategeeze nti newakubadde enzikiriza yammwe tebakaka kuwummula ku Ssabbiiti, emibiri gyaffe gijja kukoowa singa tegifuna kuwummula kwe gyetaaga. Ne bwe tuba tuli mu kaseera akangu, twetaaga okuwummula mu wiiki. Katonda amanyi kye twetaaga.


3. Ate okuddamu okuzza ebintu obupya ne tubikozesa, okwonooneka kw’obutonde, n’okutaasa ebika by’ensolo ebimu obutasaanawo? Abakristaayo kino balina okukyenyigiramu?

Oludda olumu lugamba nti Katonda yatuwa obuyinza ku bitonde byonna era tulina okubirabirira. Kino kitegeeza nti tulina okwegendereza ebyoonoona obutonde n’okulabirira ebisolo. Oludda olulala lugamba nti abantu bangi bali mu kufa mu ntalo n’okutulugunyizibwa era waliwo ebizibu bingi ebiruma abantu. Kati lwaki tuba twonoona ssente n’ebikozesebwa ebirala ku kutaasa ekika ky’ensolo mu kifo ky’okutaasa obulamu bw’abantu? Tewali nnyanukula ntuufu ku nsonga eno. Omulimu gwo ng’omusomesa gwa kuleetera abayizi bo okusobola okwerowooleza bokka.

## Ennyanukula y’Empapula z’Abayizi (Essomo 7)



## Okugezesa kwa Lukka (Essomo 7)

Abayizi bagambe bazuule ebintu bitaano mu kibiina ebiwandiikiddwaako ebyapa n’ebyo ebitaliiko byapa. Mujja kulaba nti abantu baagalannyo okulamba ebintu naye ate Katonda ye ekyo takikola.(Laba ebisingawo ku YouTube)
https://www.facebook.com/childrenareimportant/videos/1292083794161334/

# --[ OMUSANGO 8 ]--

## OBUJULIZI! (ESSOMO 8)

### 1 OBUJULIZI #1 OMUTWE (ESSOMO 8)

Omusangogw'okukyusa ebikwata ku mulwadde.

### 2 OBUJULIZI #2 KATEMBA (ESSOMO 8)

Anyumya: Olugero luno si lwa ddala naye amannya agamu n'ebifo bikyusiddwa okubikkirira abantu abatalina musango.
Omusawo: Gyebale afande. Nkomyewo okulambula ku Yokaana.
Afande w'oku Geeti: Neda, ekyo tekyetaagisa.
Omusawo: Kiki ky'otegeeza? Namulagidde asigale mu buliri. Nabadde nsuubira ayinza obutayita mu kiro ng'akyali mulamu n'olw'ekyo neetaaga okumukeberako ndabe bw'ali.
Omukuumi: Tokyetaagibwa era kati omulimu gwo gukyusiddwa okuva ku "jangu" okudda ku "genda".
Omusawo: Ekyo tekitegeerekeka. Yokaana fafudde oba atereddemu?
Omukuumi: Simanyi. Alipoota yange eya jjo terina mawulire gakwata kw'ebyo. Wano alipoota endaga nti omulimu gwo gwakyusiddwa okuva ku "jangu" ne guddizibwa ku "genda".
Omusawo: Ekyo tekitegeerekeka. Abantu abakulu bakomyewo? Nandiyagadde okwogera nabo?
Omukuumi: Baakomyewo naye sisuubira nti balina ekigasa kye bayinza okukukolera.
Omusawo: Lwaki nedda? Nabadde ndowooza baagenze kufuna buyambi.
Omukuumi: Baagenze naye ate mukama wange n'agendayo n'amugamba aleme kujja. Simanyi kiki kyatuuseewo naye jjo mukama wange bwe yagenze yakyusizza ebiragiro byo.
Omusawo: Kati nsobola okwogera ne mukamaawo?
Omukuumi: Nedda. Bw'agamba nti "genda", tolina "kujja". Okitegedde?
Omusawo: Yee ssebo, nkitegedde. Neeyanzizza akadde k'ompadde.

### OBUJULIZI #3 EKINTU (ESSOMO 8)

Leeta mu kibiina ekintu ekirabwaako ng'obujulizi: Eddagala erijjanjaba.

### 4 OBUJULIZI #4 EBYALIWO (ESSOMO 8)


Ekifaananyi ekiraga katembaw'abaserikale Abaruumi.
Omuserikale ayambadde enkofiira eriko omutwe omumyufu



aba wa ddala lya “omuduumizi” era ng’aduumira abaserikale ab’ebigere 100. (Ekyama: Omuduumizi eyayogera ne Yesu yali ayambadde bw’ati.)

### Obujulizi #5 Akafo mu Baibuli (Essomo 8)

Ekyama: Obulili omutali muntu, essowaani, ekikopo, ne samometa eraga omuntu omulwadde, akabanga wakati w’ennyumba n’amadaala agayingira awaali abantu kuba Yesu yamuwonyeza wala.



# OMUSANGO GUGGADDWAWO

## Omusango Guggaddwawo! (Essomo 8)

### Olugero lwa Baibuli (Essomo 8)

**Okukkiriza kw’omuduumizi**

**Okuva mu Baibuli: Lukka 7:1-10**



Ekibinja ky’abaweereza kyatuukirira Yesu ne kimubuulira ku muweereza munnaabwe eyali omulwadde mu nnyumba ya mukama waabwe. Mukama waabwe yali omuduumizi w’amagye ag’Abaruumi. Yali akulira abaserikale abalala 100 naye ate omuweereza we gwe yali asinga okwagala yali alwadde ng’anaatera okufa. Yesu bwe yali agenda ku nnyumba y’omuduumizi, alina ekibinja ky’abantu ekirala kye yasisinkana. Omuduumi yali asindise abantu bano bagambe Yesu nti, “Mukama wange, sisaanira ggwe okuyingira wansi w'akasolya kange: naye yogera kigambo bugambo, mulenzi wange anaawona. Kubanga nange ndi muntu mutwalibwa, nga nnina baserikale be ntwala: bwe ng’amba oyo nti genda, agenda: n'omulala nti jjangu, ajja; n'omuddu wange nti kola oti, bw'akola.” Omuduumizi yali ategeera obuyinza bwa Yesu era n’akimanyi nti kyonna Yesu ky’aba agambye kijja kubaawo. Yesu bwe yawulira kino, yeewuunya era n’agamba nti, “Ddala mbagamba nti Sinnalaba kukkiriza kunene nga kuno, newakubadde mu Isiraeri.” Ekiro ekyo, abaweereza bwe baddayo awaka, baasanga nga munnaabwe eyali omulwadde ng’anaatero n’okufa ng’awonye.

### Enkozesa mu Bulamu (Essomo 8)

Ng’omuddumizi, okukkiriza kwange kusobola okukyusa n’obulamu bw’abo abatali kumpi nange.

## Olunyiriri lw’Okujjukira (Essomo 8)

“Yesu bwe yawulira ebyo n'amwewuunya n'akyukira ebibiina ebyali bimugoberera n'agamba nti Mbagamba nti Sirabanga kukkiriza kunene nga kuno newakubadde mu Isiraeri." Lukka 7:9

## Akalimu (Essomo 8)

Wandiika akabaluwa eri mukwano gwo oba ow’oluganda lwo ng’omubuuzaako era omubuuze bw’aba alina ensonga gy’ayagala omusabireko ku ssaala.

## DNA ya Katonda (Essomo 8)

Kiki kye tuyiga ku Katonda okuva mu ssomo lino? Katonda y’Ow’obuyinza Owawaggulu.






# Akaseera k’Okunyumirwa! (Essomo 8)

## Akazannyo (Essomo 8)

Akazannyo k’ensawo z’ebijanjaalo

Abasomesa basobola okukola ensawo ez’amangu ez’okukozesa mu kazannyo. Kozesa obuveera bubiri (ddira akaveera akamu okatuuze mu kalala) omale oyiwemu ekikopo kimu eky’ebijanjaalo ebikalu ekika kyonna ky’oba ofunye. Obuveera busibe ekituttwa ebijanjaalo bireme kuyiika.

- Buli muyizi akasuke ensawo ye ey’ebijanjaalo mu bbanga amale agibake.
- Omuyizi akasukire munne ensawo y’ebijanjaalo agibake era addeko emabega ekigere kimu okwongera okukalubya okukasuka n’okubaka. Awo addemu agikasukire munne.

Ebirowoozo ebirala eby’abayizi abakulu:

- Abayizi boongeremu obukodyo mu kazannyo nga basooka kukuba mu ngalo ng’essawo oli amaze okugikasuka ng’eri mu bbanga ejja gye bali.
- Abayizi omukono ogumu bagusse emabega mu mugongo bakozese gumu gwokka okukasuka n’okubaka.

## Okukubaganya Ebirowoozo (Essomo 8)

(By’abayizi abakulu)

1. Okukkiriza kulina kifo ki mu kuwonyezebwa?



Okukkiriza kitegeza okukkiririza mu kintu newakubadde tokirabako. Eby’okulabirako bino bitulaga obukulu bw’okukkiriza mu kuwonyezebwa: Omukazi yawonyezebwa bwe yalowooza nti singa akwata ku Yesu, ajja kuwonyezebwa. Yesu yamugamba nti, “Okukkiriza kwo kukuwonyezza.” Mu Makko essuula 2, mikwano gy’omusajja baamuyisa ku kasolya k’ekizimbe ne bamukkiriza wansi era Baibuli etugamba nti Yesu yawonya omusajja ng’amaze okulaba okukkiriza kwa mikwano gye. Omuduumizi ali mu Lukka 7 yalangirirwa okubeera n’okukkiriza okusinga mu ggwanga lyonna kuba yakkiriza nti Yesu yali asobola okuwonya omuntu ne bw’aba amuliko wala. Mu Matayo 15, omukyala yakyusa endowooza ya Yesu ng’ayita mu kulaga okukkirza kwe era n’afuna okuwonyezebwa kwe yali anoonya. Bino byonna

biraga nti okukkiriza kikulu nnyo mu kuwonyezebwa ekitegeeza nti bw'oba tufunye kuwonyezebwa kw'onoonya, oyinza okuba ng'okukkiriza kwo kutono. Ebiseera ebisinga tuyinza obutamanya lwaki tetuwonyezebwa NAYE tulina okukimanya nti okkukiriza kikulu.


2. Singa wali osobola okuweebwa obubonero bw'okukkiriza, wandifunye bumeka?


Mwogere ku kiki obuboonero obw'enjawulo kye butegeeza; okugwa n'okuyita bitegeeza ki? (Kozesa emitendera abasomesa gye bakozesa nga bagaba obubonero. Abamu bagaba obubonero 10 nga gwe mutendera ogusinga n'abalala ne bagaba A ng'omutendera ogwa waggulu.) Kifaanana kitya singa oba oyitidde ku kaguwa mu kukkiriza era kiyinza kufaanana kitya ng'ofunye 10 oba A mu kukkiriza? Ekugeza: Okuwanika kuba kugwa n'okuguma n'ogondera Mukama kuba kuyita. Singa ogonda naye ng'otolotooma nnyo, oyinza okufuna B oba 8 olw'okutolotooma.

3. Abatali Bakristaayo balina kukkiriza kika ki?

Okukkiriza kitegeeza okukkiririza mu kintu ky'otalaba ekitegeeza nti abatali Bakristaayo nabo balina okukkiriza. Bwe tutuula ku ntebe, tuba n'okukkiriza nti tegenda kumenyeka etusuule. Omuntu yetaaga okuba n'okukkiriza okusobola okkukkiririza mu ssaayansi oba okusuubira nti munnabyabufuzi ajja kuwangula akalulu. Abantu balina okukkiriza mu bakatonda abatali baddala ne mu bantu abatera okumaliriza nga babayiye. Okukkiriza kuli buli wamu mu nsi are buli omu alina ky'akkiririzaamu.

## Ennyanukula y'Empapula z'Abayizi (Essomo 8)






## Okugezesa kwa Lukka (Essomo 8)

Gamba abayizi bo bafuuwe mu bbaaluuni bamale bazikuute ku mitwe gyabwe okukola amasannyalaze. Bbaaluuni gisse ku kisenge olabe nga bw'ekwatira kuli nga terina kigiwaniridde olw'amasannyalaze gali! (Laba ebisingawo ku YouTube)
https://www.facebook.com/childrenareimportant/videos/1293034897399557/

# --[ OMUSANGO 9 ]--

## OBUJULIZI! (ESSOMO 9)

### 1 OBUJULIZI #1 OMUTWE (ESSOMO 9)

Omusango gw'obuzibe bw'amaaso obutategeerekeka

### 2 OBUJULIZI #2 KATEMBA (ESSOMO 9)

Anyumya: Olugero luno si lwa ddala naye amannya agamu n'ebifo bikyusiddwa okubikkirira abantu abatalina musango.
Ow'ebyobulamu: [n'akonkona ku luggi] Amakya amalungi. Ffe ab'ekitongole ky'ebyobulamu. Nina ebibuuzo bye njagala okukubuuza.
Yuda: [n'aggulawo oluggi] Wanji ssebo?
Ow'ebyobulamu: Nnina alipoota egamba nti wano wajjanjabirwaawo abantu. Wano okolerawo obusawo?
Yuda: Nedda ssebo.
Ow'ebyobulamu: Nkolagana ki gy'olina n'omutambuze?
Yuda: Yazze gyendi n'ekibinja kye.
Ow'ebyobulamu: Wabawadde emmere yonna ey'enjawulo?
Yuda: Banne baalidde nnyo naye sirowooza nti omutambuze ye yalidde. Yamazze obudde bungi ng'asaba.
Ow'ebyobulamu: Wamwetegerezza?
Yuda: Munnange nedda. Nagezezzaako okumuyamba muyitire omusawo naye n'agaana. Yabadde alina gw'alinda.
Ow'ebyobulamu: Yatumye omu ku banne okugenda okuleta oyo gwe yabadde alinda?
Yuda: Nedda, tebalina gwe baayoogedde naye. Yatuuse, n'asaba n'alinda.
Ow'ebyobulamu: Kati kiki ekyaddiridde?
Yuda: Nga wanyise ennaku ntono waliwo omuntu eyajja, n'amukoonako, n'abaako by'amugamba, n'amunaaza n'amala n'agenda.
Ow'ebyobulamu: Yabadde musawo? Alina eddagala lyonna lye yamuwadde? Alina ebyuma byonna bye yamukebezza?
Yuda: Nedda, nedda, nedda.
Ow'ebyobulamu: Baabadde baamukwano?
Yuda: Okusooka nalowoozezza nti balabe naye ate beeyisizza nga baamukwano. Ensonga zaabwe zambuzaabuzizza.
Ow'ebyobulamu: Kale, neeyanzizza obuyambi bwo. Bwe mba nnina ebibuuzo ebirala nnyinza kukusanga wa?

Yuda: Njakubeera wano ku nnyumba yange ku luguudo lwa Straight.





### 3 Obujulizi #3 Ekintu (Essomo 9)

Leeta mu kibiina ekintu ekirabwaako ng'obujulizi: Gaalubindi.

### 4 Obujulizi #4 Ebyaliwo (Essomo 9)

Ekifaana ky'ekibuga kya Taluso omuli abantu 200,000 leero. Kisangibwa mayiro ntono nnyo okuva ku lubalama lw'ennyanja Mediterranean. (Ekyama: Taluso ky'ekibuga omutume Pawulo mw'ava.)



### 5 Obujulizi #5 Akafo mu Baibuli (Essomo 9)

Ekyama: Oluguudo luyitibwa "Straight" kuba Yesu Kristu yasindikayo Sawulo n'omuggo gwe kuba Sawulo yali muzibe ng'agondera Mukama.

# OMUSANGO GUGGADDWAWO

## Omusango Guggaddwawo! (Essomo 9)

### Olugero lwa Baibuli (Essomo 9)

**Okulokolwa kwa Pawulo**

**Okuva mu Baibuli:Ebikolwa 9:1-19**



Pawulo nga tannafuuka mugoberezi wa Yesu yali musajja wa ttabu nga tayagala muntu yenna agoberera Yesu. Yagamaba n'okugamba nti yali omu ku boonoonyi abakyasinze! Pawulo yalina obuyinza obusindika Omukristaayo yenna mu kkomera olw'okwagala Yesu. Lunaku lumu, yali atambula ng'agenda mu kibuga kya Ddamasiko okuyigga Abakristaayo ab'okusiba. Waalabika ekitangaala okuva mu ggulu era Pawulo n'agwa ku ttaka. Yawulira eddoboozi nga limugamba, "Pawulo, onjigganyiza ki?" Yayagala okumanya ani eyali ayogera gy'ali era mangu ddala n'afuna okwanukulwa, "Nze Yesu, gw'oyigganya ggwe: naye golokoka oyingire mu kibuga."

Pawulo bwe yayimirira yakizuula nti yali takyasobola kulaba! Yesu yali amuzibye amaaso! Pawulo yalina mikwano gye be yali nabo abaamuyambako okudda mu kibuga. Ng'ali

eyo, yali tanywa oba okulya okumala ennaku ssatu era obudde bwe bwonna yabumala mu kusaba. Katonda yayogera n'omuyigirizwa we Ananiya nga Pawulo bw'asaba. Katonda yali ayagala Ananiya asabire Pawulo amuwonye amaaso. Ananiya yeewuunya; yali amanyi engeri Pawulo gye yali ow'ettabu eri Abakristaayo n'ategeeza Katonda ku nsonga eno. Katonda yayanukula Ananiya ng'amugamba nti yali aloonze Pawulo okubuulira Ab'amawanga n'abantu ba Israeri nga bwe yali abaagala. Ananiya yagonda era n'agenda n'asabira Pawulo. Ananiya bwe yassa omukono gwe ku Pawulo ng'amusabira, Mwoyo Mutuukirivu yakka ku Pawulo era ekifu ne kiva ku maaso ge. Omutima gwa Pawulo gwa kyuka era n'agenderawo okubatizibwa.

### Enkozesa mu Bulamu (Essomo 9)

Nja kwagala abalabe bange.

### Olunyiriri lw'Okujjukira (Essomo 9)

"Naye nange mbagamba nti: Mwagalenga abalabe bammwe, musabirenga ababayigganya." Matayo 5:44

### Akalimu (Essomo 9)

Gulayo ekirabo ekitono okiwe omuntu eya kuyisa obubi.

### DNA ya Katonda (Essomo 9)




Kiki kye tuyiga ku Katonda mu ssomo lino? Katonda ayagala okweraga eri abantu be bamumanye.



## Akaseera k'Okunyumirwa! (Essomo 9)

### Akazannyo (Essomo 9)

Muzibe nga Sawulo

Omusomesa ajja kusiba omwana omu akagoye ku maaso atambule mpaka ng'akoonye ku mwana omulala era omwana oyo bwe bamukoonako afulumye eddoboozi. Omwana omuzibe alina okuteeba ani gw'akutteko ng'asinziira ku ddoboozi ly'afulumizza. Abaana abali mu kazannyo nga beewala okukoonebwaako balina okutambula mpolampola nga beetoloola ekibiina era nga tebafulumya ddoboozi.

Abaana abatannatandika kusoma: Kola tiimu z'abaana babiribabiri. Buli tiimu giwe akagoye kamu. Omwana omu ku buli tiimu asibwe akagoye ku maaso era munne amuyambe okumutambuza okwetoloola ekibiina ng'amubuusa ebintu omusomesa by'aba asudde mu kkubo lyabwe.

### Okukubaganya Ebirowoozo (Essomo 9)

(By'abayizi abakulu)

1. Kifaanana kitya ng'abantu balamula bannaabwe?



Okulamula omuntu kuyinza kuba: okwogera mu kaama, okuseka, okutambula n'oviira omuntu, oba okugaana okwogera n'omuntu. Omulimu gwo ng'omusomesa gwa kubuulira abaana ng'abantu bwe balina okuba nga baalamula Pawulo kuba yali yaakamala okutta Abakristaayo. Bagambe nti oluusi Katonda alonda abantu

betutasuubira okukola emirimu gye.


2. Ng'Abakristaayo, tetulina kuba na balabe kati ani mulabe wange oyo gwe nnina okwagala?

Mukubaganye ebirowoozo ku nsonga y'Abakristaayo okuba nga nabo beetaba mu nkaayana ng'abatali Bakristaayo bwe batera okukola oluusi n'okusukkawo. Tulina okwogera amazima kuba ffena tulina okukkiriza nti tulina abalabe. Beebantu betutayagala kukolagana nabo, abo abaali batulumizza, oba abo abaatubbako ekintu oba omuntu yenna. Abo beebantu betulina okulaga okwagala.


3. Singa Katonda agezaako okwogera naawe nga towulira, kiki ky'alina okukola osobole okumuwa amatu go?

Katonda oluusi akola ebintu ebikambwe tusobole okussaayo ebirowoozo byaffe gy'ali ng'okukyayibwa omwagalwa wo, okukusengula okukutwala mu kibuga ekirala, okugwa ebigezo, okusengula mukwano gwo ne bamutwala mu kibiina ekirala, oba okusanga omuntu ng'akaaba mu lukuubo. Katonda asobola okukozesa ensonga yonna okuzza ebirowoozo byaffe gy'ali kuba ye afa ku myoyo gyaffe okusinga emibiri gyaffe.

## Ennyanukula y'Empapula z'Abayizi (Essomo 9)





## Okugezesa kwa Lukka (Essomo 9)

Abaana leka bakole "essimu" z'okuzannyisa okuva mu bikopo bibiri, obuuma obusiba empapula, n'akawuzi. Gatta ebikopo ebibiri nga wakati waabyo mulimu akawuzi, abaana boogerere ku ssimu zino ez'ebikopo nga bali ku njuyi zombi ez'ekibiina. (Laba ebisingawo ku YouTube) [https://www.facebook.com/childrenareimportant/videos/1292377594131954/](https://www.facebook.com/childrenareimportant/videos/1292377594131954/)

# --[ OMUSANGO 10 ]--

## OBUJULIZI! (ESSOMO 10)

### OBUJULIZI #1 OMUTWE (ESSOMO 10)

Omusangogw'omukubi w'obwama atamanyikiddwa

### OBUJULIZI #2 KATEMBA (ESSOMO 10)

Anyumya: Olugero luno si lwa ddala naye amannya agamu n'ebifo bikyusiddwa okubikkirira abantu abatalina musango.

Owe'ssimu za Poliisi: Ffe abaanukula abeetaga obuyambi, olina buzibu ki?

Fineas: Waliiwo atiisatiisa okunzita.

Owe'ssimu za Poliisi: Kino kyatuuseewo ddi?

Fineas: Ekiro ekyakeesezza leero. Okutiisatiisa kuno kwakoleddwa muganda wange ng'ali ewa taata wange.

Owe'ssimu za Poliisi: Ndowooza nkitegedde. Muganda wo yagambye nti agenda kukutta?

Fineas: Kale simanyi bulungi.

Owe'ssimu za Poliisi: Si mugandawoo?

Fineas: Nedda naye kiri ekisoose mbadde nkitegeeza. Sisuubira nti agenda kunzita.

Owe'ssimu za Poliisi: Kati ky'ogamba nti omuntu ono atali mugandawo tagenda kukutta?

Fineas: Yee ssebo.

Owe'ssimu za Poliisi: Kati sirabawo buzibu bwetaagisa kukola alipoota.

Fineas: Kale yagambye nti Katonda agenda kunzita ne muganda wange ku lunaku lwe lumu.

Owe'ssimu za Poliisi: Katonda agenda kubatta ku lunaku lwe lumu?

Fineas: Yee ssebo.

Owe'ssimu za Poliisi: Lindako katono, ndabika eddoboozi ryo nditegedde. Yeggwe omupaatiri oli omunene abeera alya ennyama buli kaseera?

Fineas: Nedda, olabika otegeeza muganda wange. Nze ntera kulya mbiriizi.

Owe'ssimu za Poliisi: Labayo, saagala ku kukanga naye tatera kuba mukyamu mu by'ayogera. N'ekirala, singa Mukama omusobya, ani agenda okukuyamba?

Fineas: Wabula ekyo kikanga. Kati ogenda kusindika omuserikale ajje?

Owe'ssimu za Poliisi: Nedda ssebo. Tetulina kye tuyiinza kukola kukuyamba. Sigala ng'oyogera ne kitaawo olabe oba amanyi engeri y'okukuyamba.

Fineas: Kale weebale. Weeraba.

### 3 Obujulizi #3 Ekintu (Essomo 10)


Leeta mu kibiina ekintu ekirabwaako ng'obujulizi: Obuuma bw'essimu obw'omu matu.

### 4 Obujulizi #4 Ebyaliwo (Essomo 10)




Eri yali ava mu lulyo lwa Isamaali, mutabani wa Alooni era yakola ng'omulamuzi era yali kabona wa Israering'essanduuko ey'endagaano ya Mukama omwali Ebiragiro Ekkumi ng'eri e Siiro. (Ekyama: Ekifaananyi ky'engeri kabona bwe yayambalanga mu biseera bya Samwiri nga Eri okuva mu lugero lwa baibuli.)

### 5 Obujulizi #5 Akafo mu Baibuli (Essomo 10)



Ekyama: Mu kasenge k'essaala: ettaala y'oku mmeeza, emmeeza okuli emigaati, worutaali y'obuwoowo, kateni, n'essanduuko y'endagaano. Mu limu pilo ne bulangiti kuba Samwiri yali yeebase wansi - 1 Samwiri 3:3

# OMUSANGO GUGGADDWAWO

## Omusango Guggaddwawo! (Essomo 10)

### Olugero lwa Baibuli (Essomo 10)

**Samwiri awuliriza Katonda**

**Okuva mu Baibuli: 1 Samwiri 3:1-18**



Samwiri yali mulenzi wa njawulo; Katonda yamwawula olw'emirimu gye. Yali akuzibwa kabona Eri mu kasenge k'essaala era Samwiri yali muwulize gy'ali. Samwiri yakola kyonna ekisoboka okugondera Mukama. Mu biseera ebyo, Katonda yali tatera kwogera na bantu be era Samwiri yali tawulirangako ddoboozi rya Katonda. N'olw'ekyo, ekiro Katonda kye yayita errinya lye, yalowooza nti Eri y'amuyita. Yalowooza nti waliwo obuzibu obutuuse ku Eri

era n’adduka gy’ali alabe kiki. Eri yamugamba nti tannamuyita n’amusaba addeyo yeebake. Samwiri otulo tuba tumutwala n’addamu n’awulira omuntu ayita errinya lye era n’addayo ewa Eri. Eri yaddamu n’amugamba nti tannamuyita n’amusindika addeyo yeebake. Samwiri yaddamu n’awulira errinya lye era n’addayo ewa Eri. Ku luno, Eri yamwanukula mu ngeri ya njawulo. Yagamba Samwiri nti kyandiba nti Katonda y’amuyita era bw’addamu okuwulira errinya lye, ayanukule nti, “Yogera Mukama kuba omuweereza wo awulira.” Samwiri y’addayo mu buliri ne yeebaka era n’awulira errinya lye nga liyitwa. Yasituka n’atuula mu buliri n’agamba nti, “Yogera Mukama kuba omuweereza wo awulira.” Katonda yayanukula Samwiri ng’ayita mu kumubuulira ebintu eby’enjawulo. Ekimu ku bintu bye yamugamba, mwalimu engeri obulabe gye bwali bugenda okutuuka ku batabanyi ba Eri ababiri. Katonda yayogera ne Samwiri era ku luno, Samwiri yali awulira.

### Enkozesa mu Bulamu (Essomo 10)
Katonda ajja kwogera nange singa muwuliriza.

### Olunyiriri lw’Okujjukira (Essomo 10)
“…n'endiga zimuwulira eddoboozi: aziyita endiga ze amannya; azifulumya ebweru. “ Yokaana 10:3b

### Akalimu (Essomo 10)
Mu wiiki, yogera n’abantu abakulu obuuze oba waliwo omuntu yenna eyali ayogedde ne Katonda nga bwe kyali ku Samwiri. Buuza, “Katonda yali ayogeddeko naawe? Katonda yayogera atya naawe? Wamanya otya nti Katonda?”

### DNA ya Katonda (Essomo 10)
Kiki kye tuyiga ku Katonda mu ssomo lino? Katonda ayagala okwogera n’abantu be.






## Akaseera k’Okunyumirwa! (Essomo 10)

### Akazannyo (Essomo 10)
Akazannyo k’okuwuliriza
Omusomesa atandike ng’abuuza abayizi oba bawulize balungi. Kozesa ebintu bino wammanga okukwata abo abatali mu kuwuliriza:
Singa oggya ebibala 2 ku bibala 3, oba na bimeka? (si 1 wabula 2... kuba obirina.)
Muddeemu kye ng’ambye emirundi 5 nga bwe mubuukabuuka: Buuka, buuka, buuka, buuka, buuka. Kiki ky’okola ng’ebitaala by’asse kiragala? (“Simbula” ky’ekyokuddamu wabula si “yimirira”.)
Kozesa CD eriko amaloboozi ag’enjawulo ng’okukuba mu ngalo, eng’ombe, enkuba, n’ebirala. (Osobola n’okufuna amalobozi okuva ku mukutu wa yintaneeti n’ogassa ku ssimu yo.) Abaana bagambe babikke amaaso basitule omukono nga bategedde ddoboozi ki ly’otaddeko. Amaloboozi gazannye ku ssimu yo limu ku limu era abayizi obagambe bateebe amaloboozi.
Abaana bakolemu obubinja bw’abaana bana buli mwana omuwe ennamba 1, 2, 3, 4. Ssa ebintu ebya bulijjo (ekinusu, ekkalaamu, olwazi, olupapula oba akaveera) ku mmeeza oba ku ntebe. Amateeka olina

okugawandiika omale ogasomere abayizi. Okugeza: “Nnamba 2, londa olupapula.” “Nnamba 1, ekinusu kikwase Nnamba 4.” “Nnamba 3, tokwasa Nnamba 1 kkalaamu.” Ekigendererwa kya bayizi kugoberera amateeka obulungi. Omusomesa asobola okukyusakyusa mu bintu ebikozesebwa n’ebigambo nga: funa, kwasa, omukono, yisa, londa, suula, twala, kyusa.

## Okukubaganya Ebirowoozo (Essomo 10)

(By’abayizi abakulu)

1. Oyinza otya okumanya nti Katonda ayogera naawe oba olubuto lwo lwe luli mu kwogera kuba olina bye walidde emisana?



Buli Mukristaayo yeetaaga okuyiga okuwulira Katonda. Osoboola okukakasa ky’owulira ng’oyita mu Baibuli okakase nti tekikontana n’ekyo Katonda kye yakola oba kye yagore mu byawandiikibwa. Osobola n’okwebuuza ku musumba oba omusomesa wo. Osobola n’okubuuza owoyo gwo okulaba oba kiwulikika ng’ekituufu.

2. Emizimu gya ddala?


Omuzimu si gwe gwali gwogera eri Samwiri wabula Katonda. Naye, olugero luno luyinza okukulowoozesa ku mizimu. Baibuli etugamba nti ku nsi kuno kuliko bamalayika n’amayembe ebitonde bye tutasobola kulaba. Tewali kifo mu byawandiikibwa wooyinza kusanga abantu abafu nga batayaaya mu maka oba mu kitundu nga baffuse “mizimu”. Kino kitegeeza nti abantu bwe balowooza ku mizimu, bwongo bwabwe bwe buba bubalimba oba gaba mayembe. Tulina obuyinza okuva eri Katonda okugoba amayembe era tulina okuwamba buli kirowoozo ekitutiisa. Ng’Abakristaayo tetulina kutya “mizimu”. Tuyinza okugamba obwongo bwaffe okulekera awo okutulimba oba ne tugoba amayembe nga tugagamba galekere awo okutuzannyirako gagende.


3. Ani gwe mba mpuliriza?

Togobereranga magezi ga muntu okuggyako ng’oyagala okufuuka kiki ky’ali oba okutuuka kw’ebyo by’abatuuseeko. Wandiyagadde okukola ekintu ekituufu? Togoberera mageezi ga muntu yenna okuggyako nga gakwatagana n’ekyo Baibuli ky’egamba. Wuliriza abo abakusiingako mu nsonga z’omwoyo bewandiyagadde okuba nga bbo.

## Ennyanukula y'Empapula z'Abayizi (Essomo 10)



## Okugezesa kwa Lukka (Essomo 10)

Kwata omuyizi omu omusibe akagoye ku maaso omutuuze wakati w'ekibiina agezeeko okuzuula b'ani abali mukwogera mu bwama mu kibiina. Osobola okubikka okutu kw'omwana gw'obisse amaaso oba okugamba abaana okufuuwa oluwa mu kifo ky'okukuba obwama. (Laba ebisingawo ku YouTube) https://www.facebook.com/childrenareimportant/videos/1292466710789709/

# --[ Omusango 11 ]--

## Obujulizi! (Essomo 11)

### 1 Obujulizi #1 Omutwe (Essomo 11)
Omusangogw'omulambo ogutambula

### 2 Obujulizi #2 Katemba (Essomo 11)
Anyumya: Olugero luno si lwa ddala naye amannya agamu n'ebifo bikyusiddwa okubikkirira abantu abatalina musango.
Omubaka: Nkomyewo.
Maliyamu: Agambye atya?
Omubaka: Mawulire malungi. Agabye buno obulwadde tebugende kukomekkerera mu kufa.
Maliyamu: [n'atandiika okukaaba]
Omubaka: Ate kiki?
Maliyamu: Yafudde dda!
Omubaka: Ekyo kiyinza kitya? Yabadde talabika ng'agenda okujja mpaka nga wayise waakiri olunaku lumu.
Maliyamu: Nange sibitegeera. Okakasa yagambye nti tagenda kufa?
Omubaka: Kankebere ndabe. [n'aggyayo akapapula n'asomako] Yee, bwe kityo bwe kiri. "Buno obulwadde tebugenda kukkomekkerera mu kufa."
Maliyamu: Olupapula lumpe wano. [n'asomamu]
Omubaka: Munnage kitalo nnyo.
Maliyamu: Yagambye nti agenda kujja?
Omubaka: Yee.
Maliyamu: Neetaaga okwogera naye ng'azze kuba bino sibitegeddde. [n'atandiika okukaaba]
Omubaka: Waliwo ekirala kyonna?
Maliyamu: Neetaaga okutegeka eby'amaziika. Dduka ogende otumye ebimuli era nja kwetaaga abantu abannyambako wano.
Omubaka: Kale nnyabo.

### 3 Obujulizi #3 Ekintu (Essomo 11)
Leeta mu kibiina ekintu ekirabwaako ng'obujulizi: bandeji oba olugoye olweru.


### Obujulizi #4 Ebyaliwo (Essomo 11)

Ekifaananyi ky'ekibuga kya Bessaniya nga bwe kifaanana leero. (Ekyama: ekyalo Lazaaro mwe yazaalibwa.)




### Obujulizi #5 Akafo mu Baibuli (Essomo 11)

Ekyama: Entaana enzigale (naye si bulungi), ekiwunya kuba Lazaaro yamalamu ennaku 4 era Maliyamu ne Maliza baagamba nti bwe baggulawo entaana, yali ewunya bubi.



# OMUSANGO GUGGADDWAWO

## Omusango Guggaddwawo! (Essomo 11)

### Olugero lwa Baibuli (Essomo 11)

**Lazaaro**

**Okuva mu Baibuli:Yokaana 11:1-44**



Yesu yali alina ekibuga ky'akyalidde ng'alaga abantu okwagala n'alyoka akizuula nti mukwano gwe Lazaaro yali mulwadde ng'anateera n'okufa. Mwannyina wa Lazaaro yajja n'asaba Yesu aggye ku kyalo kyabwe awonye mwannyina. Yesu yasalawo okusigala wano okumala ennaku endala bbiri nga tannaba kugenda kuyamba Lazaaro. Yagamba abayigirizwa be nti Lazaaro yali yeebase naye tewali yali ategedde nti Lazaaro afudde. Yesu n'abayigirizwa be bwe baayingira ekyalo bannyina ba Lazaaro ne bayingira ekibuga ne bagamaba Yesu nti singa yali azze ennaku bbiri emabega osanga Lazaaro yandibadde akyali mulamu. Yesu yabuuza abakyala bano oba baali bakkiriza nti ye Kristu, Omwana wa Katonda era nti amukkiriza yenna alifuna obulamu obutaggwawo. Baamugamba nti ekyo bakkiriza naye nti tebaamanya kiki Yesu kye yali ategeeza. Yesu yatwala buli muntu ku ntaana Lazaaro gye yali aziikiddwa. Yalagira baggyewo ejjinja eryali libisseewo

naye abakyala bali baamusaba aleme kukikola. Lazaaro yali amaze ennaku 4 ng'afudde era waali wagenda okubaawo ekivundu! Yesu n'abagamba nti, "Sikugambye nti Bw'onokkiriza, onoolaba ekitiibwa kya Katonda?" Yalagira ejjinja ne liggyibwawo era n'ayogerera waggulu ng'agamba, "LAZAARO, FULUMA!" Lazaaro yafuluma, NGA MULAMU! Yesu yazuukiza mukwano gwe Lazaaro okuva mu bafu!

### Enkozesa mu Bulamu (Essomo 11)

Katonda asigala akyanjagala newakubadde ebintu ebibi biba bituuseewo.

### Olunyiriri lw'Okujjukira (Essomo 11)

"Yesu n'amugamba nti Nze kuzuukira, n'obulamu: akkiriza nze, newakubadde ng'afudde, aliba mulamu." Yokaana 11:25

### Akalimu (Essomo 11)

Funayo omuntu gw'omanyi eyafuna obuzibu omukolere ekintu ekirungi.

### DNA ya Katonda (Essomo 11)

Kiki kye tuyiga ku Katonda mu ssomo lino? Katonda ayagala abantu bamanye nti wajja kubaayo okuzuukira.






## Akaseera k'Okunyumirwa! (Essomo 11)

### Akazannyo (Essomo 11)

Emigongo gya waalifu
Omusomesa abaana abakolemu ebibinja kya babiribabiri. Omwana omu ku buli kibinja aggye eri omusomesa alabe ennukuta ewandiikiddwa mu kyama. Abayizi tebakkirizbwa kwogera nnukuta eno oba okubbirako bannaabwe mu ngeri yonna. Omwana bw'addayo eri munne omusomesa agambe "tandika' era omwana ono awandiike ennukuta eno ku mugongo gwa munne ng'akozesa olugalo. Munne bw'azuula ennukuta ki emuwandiikiddwaako, awanike omukono oyagere nti nnukuta bw'eti. Ennukuta bw'eba ntuufu, ekibinja kyabwe kiba kifunye obubonero. Ennukuta bw'eba nfu, akazannyo kagende mu maaso mpaka nga waliwo ekibinja ekiteebye ennukuta mu butuufu bwayo. Ekibinja ekirina obubonero obungi kye kiba kiwangudde.
Abayizi abakulu: Bbo basobola okuwandiika ebigambo by'ennukuta ssatu mu kifo ky'ennukuta emu.

### Okukubaganya Ebirowoozo (Essomo 11)

(By'abayizi abakulu)

1. Mu ngeri ki obulamu bwo gye bubadde nga si bwa bwenkayana?



Kkiriza abayizi bo bye baddamu. Tewali nnyanukula nkyamu. Buli omu alina olugero lw'obutali bwenkanya. Abayizi bakuume nga boogera ku njuyi zombi era muzenkanyenkanye. Matayo 19:29 atulaga nga Katonda bw'aggya okusasula bonna abeefiriza ku lulwe ku nsi kuno. Matayo 20 atulaga oludda olulala abakozi we bafunira

omugabo gwe gumu naye nga bakoze essaawo ez’enjawulo. Mu lugero luno, obulamu si bwa bwenkanya era tebuliba bwa bwenkanya. Abayizi bo leka batwaale akadde nga boogera ku njuyi zombi.

2. Kiki ekituukawo singa nsaba nnyo?

Katonda si kyuma ekifulumya eby’okulya. Oluusi agamba NEDDA oba “si kati”. Katonda lubeerera atwagaliza kirungi ne bwe kiba nga kikalubo kati. Katonda ayagala tumusabe era ebiseera ebimu ayinza okukyusa mu ndowooza ye singa tumusaba. Naye tetujja kufunanga kwanukula kwe twagala.

3. Biki by’osuubira mu Yesu?

Ebiseera ebisinga Abakristaayo basuubira obulamu obutaliimu bizibu, nti Yesu ajja kubagondeza obulamu, nti bajja kubeera balamu buli kaseera. Naye Yesu yagamba nti obulamu bujja kuba bukalubo eri Abakristaayo so si bwangu. Sitaani atayaaya ku nsi kati era agezaako okutuzikiriza. Tetulina kusuubira Yesu kutuyisa mu kaseera akazibu wabula tulina kumusuubiramu okutuyamba okusalawo ekituufu; naye si nti ajja kumalawo akaseera akazibu.

## Ennyanukula y’Empapula z’Abayizi (Essomo 11)









## Okugezesa kwa Lukka (Essomo 11)

Buli mwana mugambe asse olupapula ku kyenyi kye era akozese maaka okuwandiikako erinnya lye. Kizibu nnyo okuwandiika ng’olinga awandiika ong’odda kyennyumannyuma oba ng’otandise okuwandiika ng’ova ku mukono ogwa ddyo. (Laba ebisingawo ku YouTube)
https://www.facebook.com/childrenareimportant/videos/1292550470781333/

# --[ Omusango 12 ]--

## Obujulizi! (Essomo 12)

### 1 Obujulizi #1 Omutwe (Essomo 12)

Omusango gw'olukwe lw'obulimba

### 2 Obujulizi #2 Katemba (Essomo 12)

Anyumya: Olugero luno si lwa ddala naye amannya agamu n'ebifo bikyusiddwa okubikkirira abantu abatalina musango.
Aggula oluggi: Afande, nkuyambye ntya leero?
Anoonyereza: Ensiiba ssebo. [n'aggyayo ebimwogerako n'abimulaga] Nkubuuzeeyo ebibuuzo ebitonotono?
Aggula oluggi: Yee Afende.
Anoonyereza: Nawulidde nti battidde abantu babiri mu kizimbe kino olwa leero.
Aggula oluggi: Nedda ssebo. Nze ng'amba besse bokka.
Anoonyereza: Lwaki ogamba besse bokka? Saalabyewo kabaluwa konna kebaalese. Kuno tekufaanana nga kwetta.
Aggula oluggi: Baabadde balina obulimba bwe bapanga ebintu ne bisoba ne bamaliriza nga bakafiiriddemu.
Anoonyereza: Ggwe wabadde wa?
Aggula oluggi: Nga bulijjo, nabadde wano ku lujji.
Anoonyereza: Katemba ono wamwetabyeemu?
Aggula oluggi: Yee ssebo. Nayambyeko akola ku bafu okufulmya emirambo bagitwale mu ggwanika.
Anoonyereza: Nkiraba. Ekitegeeza emirambo wagirabyeko?
Aggula oluggi: Yee ssebo. Kwabaddeko omukazi n'omusajja.
Anoonyereza: Bwe mwabadde mubasitula, wabalyabyeko ebinuubule byonna?
Aggula oluggi: Nedda ssebo. Baabadde balabika bulungi okuggyako nti baabadde bafu.
Anoonyereza: Ndowooza tosobola kumanya kiki kigenda mu maaso munda ng'otunudde ku ngulu.
Aggula oluggi: Kyewuunyisa okuba ng'oyogedde bw'otyo kuba nabo kye baali basuubira. Naye nkubuulire, abalimba si bangi abasangibwa mu kasenge kano.
Anoonyereza: Kiki ky'ogambye?
Aggula oluggi: Abalimba tebasangibwa wano.
Anoonyereza: Ng'amba nga tonnaba kw'ogera ekyo?
Aggula oluggi: Nti tewali yali asobola kulaba kiki kigenda mu maaso munda.

### Obujulizi #3 Ekintu (Essomo 12)





Leeta mu kibiina ekintu ekirabwaako ng'obujulizi: Ebinusu.

### Obujulizi #4 Ebyaliwo (Essomo 12)

Ekifaanaanyi ky'olubiri lwa Sulemaani nga bwe lufaanana ng'oli mu ssizinzo lya Yerusaalemi. (Ekyama: Ebikolwa Essuula 3 etugamba nti Peetero yali abuulira mu lubiri lwa Sulemaani. Olugero lwa Peetero olukwata kw'ebyo ebyatuukawo wakati we ne Ananiya ne Safira mu kitabo ky'Ebikolwa Essuula 5, lwatuukirawo mu kifo kino oba kumpi n'awo.)

### Obujulizi #5 Akafo mu Baibuli (Essomo 12)



Ekyama: Essente ezaava mu kutunda ettaka (naye si zonna) n'ebyapa ebiraga awaabadde omukazi n'omusajja. (omusajja yeesasoose omukazi n'alyoka addako)

# OMUSANGO GUGGADDWAWO

## Omusango Guggaddwawo! (Essomo 12)

### Olugero lwa Baibuli (Essomo 12)

**Ananiya ne Safira**
**Okuva mu Baibuli:Ebikolwa 5:1-11**



Abayigirizwa ba Yesu bwe baali boogera ku mpisa z'ennungi, abantu baatandiika okwagala okuyambagana. Baatundaaga n'ebintu byabwe okuyamba abanaku. Ananiya ne Safira nabo baali baagala kuyamba. Ananiya ne Safira baalina akataka ke baali baagala okutunda ssente zonna eziba zivuddemu baziwe abanaku.

Ananiya ne Safira bwe baamala okutunda ettaka lyabwe, baasalawo okuwa abayigirizwa ekitundu kya ssente endala ne bazisigaza naye nga beefuula nti zonna baziwaddeyo. Ananiya yali musanyufu nnyo ng'awaayo ssente ewa Peetero naye Mwoyo Mutukuvu n'ategeeza Peetero nti Ananiya alimba. Yabuuza Ananiya oba zo z'essente zonna ezaava mu kutunda ettaka era

Ananiya n'amulimba nti z'ezo. Peetero yabuuza Ananiya lwaki yali akkirizza Sitaani okumuyingira mu mutima ng'ate abadde agezaako okukola ekintu ekirungi olwa Mukama. Ettaka lyali lya Ananiya ne Safira era baali tebakakibwa kulitunda oba okuwaayo ssente zonna. Obuzibu bwava ku kulimba. Peetero bwe yamunenya, Ananiya yagwa wansi n'afa!
Nga wayise essaawa ntono, Safira yajja ng'anoonya bba. Peetero bwe yamulaba, yamubuuza oba Ananiya ssente zonna yali aziwaddeyo. Naye yalimba nga bba. Peetero yeewuunya ng'alaba Safirira naye alimba Katonda n'amubuuza lwaki yali agezesa Mukama bw'atyo. Safira awo n'akimanya nti bba mufu era n'alaba abasajja abaali baziise bba, naye n'azirika n'afa.

### Enkozesa mu Bulamu (Essomo 12)

Katonda ayagala twogere amazima.

### Olunyiriri lw'Okujjukira (Essomo 12)

"Temulimbagananga mwekka na mwekka; kubanga mwamweyambulako omuntu ow'edda wamu n'ebikolwa bye." Abakkolosaayi 3:9

### Akalimu (Essomo 12)

Lowooza ku bulimba bw'oyogedde. Salawo obutaddamu kulimba bantu balala ku nsonga eyo. Funa olupapula owandiike obulimba buno. Wandiika essaala ku lupapula olwo ng'osaba Katonda okukuyamba obutaddamu kulimba ku nsonga eyo. Fulumya olupapula olwo wabweru oluziike.

### DNA ya Katonda (Essomo 12)

Kiki kye tuyiga ku Katonda mu ssomo lino? Katonda amanyi emitima n'ebigendererwa by'abantu.






## Akaseera k'Okunyumirwa! (Essomo 12)

### Akazannyo (Essomo 12)

Ani ataawaddeyo binusu bye?
Omusomesa agambe abaana batuule mu ssaako era alonde omwana omu (Peetero) abeere mu makkati ga ssaako. Ekinusu kiwe omwana (Ananiya) ekiggya okutambuzibwa mu migogo gy'abaana okuva ku kkono nga kidda kuddyo. Ekinusu ekirala kiwe omwana omulala (Safira) ekijja okutambuzibwa okuva ku ddyo nga kidda ku kkono mu migongo gy'abaana. Abaana bonna basobola okwefuula nti batambuza ekinusu yadde tebakirina. Omusomesa agambe Peetero abikke amaaso ge ng'abaana batambuza ekinusu. Awo omusomesa agambe Peetero abikkule amaaso ge agezeeko okuteeba ani alina ekinusu. Akazannyo kagende mu maaso mpaka nga Peetero azudde Ananiya oba Safira (omwana alina ekinusu). Omwana asangiddwa n'ekinusu y'aba afuuka "Peetero".

### Okukubaganya Ebirowoozo (Essomo 12)

(By'abayizi abakulu)

1. Lwaki buli muntu tagenda mu ggulu?

Abantu bonna basobya era bagwaana okugenda mu ggeyeena nga Baibuli bw'egamba. Katonda tayagala byuuma era yatutonda nga tusobola okwesalirawo. Katonda ayagala buli omu alokolwe naye abantu abamu basalawo okugoberera ebyabwe ne bagaana okukkiriza Yesu oba eggulu.

2. Lwaki tewali bintu bimala? (eby'okugabana n'abalala)


Ekisooka, tosobola kutegeere kiki "ekimala" kye kitegeeza kuba kitegeeza ebintu eby'enjawulo mu mawanga ag'enjawulo. Ekyokubiri, Yesu yagamba nti abanaku tujja kubeera nabo lubeerera. Ekyokusatu, kirungi ffe okugaba.


3. Obulimba "obutali bubi" oba ekibi ekitono kye ki?

Ebigendererwa nsonga nkulu. Olimba kuba toyagala kulumya muntu oba toyagala kufulumya ssente? Katonda tayagala bulimba. Bandibadde batunda ettaka ne bawaayo ekitundu kya ssente mu kifo ky'okulimaba nti zonna baziwaddeyo.

## Ennyanukula y'Empapula z'Abayizi (Essomo 12)



## Okugezesa kwa Lukka (Essomo 12)

Buli mwana mugambe awandiike akasale ku lupapula ku mmeeza era agezeeko okukoona ku kasale ako mangu ddala ng'abisse eriiso limu. (Laba ebisingawo ku YouTube) https://www.facebook.com/childrenareimportant/videos/1292637964105917/

# --[ OMUSANGO 13 ]--

## OBUJULIZI! (ESSOMO 13)

### OBUJULIZI #1 OMUTWE (ESSOMO 13)

Omusangogw'ebirooto eby'entiisa

### OBUJULIZI #2 KATEMBA (ESSOMO 13)

Anyumya: Olugero luno si lwa ddala naye amannya agamu n'ebifo bikyusiddwa okubikkirira abantu abatalina musango.
Omutambuze: Onoonya ki?
Anoonyereza: Nnoonyereza ku kubula kw'omuvubuka omuwanvu bw'ati. Ayinza okuba nga yabadde ayambadde jaketi ey'enjawulo.
Omutambuze: Namulyabyeko. Yayiseeewo wano ennaku entono emabega.
Anoonyereza: Omanyi gye yabadde alaga?
Omutambuze: Alabika yabadde agenda e Dothani.
Anoonyereza: Lwaki Dothani?
Omutambuze: Nawulidde baganda be nga boogera ku kugendayo era bwe yazze wano ng'abaoonya, ne mmubuulira nti gye baaalaze.
Anoonyereza: Olina ekirala kye wawulidde?
Omutambuze: Yee, singa nze muganda waabwe, singa sibasemberera. Baabadde banyiivu nnyo gy'ali.
Anoonyereza: Ekyo nga kyewuunyisa. Wategedde lwaki?
Omutambuze: Yabaloopa ewa kitaabwe nti balina emize emibi era baabadde boogera mu kaama ku nsonga endala gye ssaategedde.
Anoonyereza: Tewagiwulidde oba wabadde toyagala kugiwulira?
Omutambuze: Nawuliddemu bitundutundu nga sibitegeera bulungi. Ab'oluganda bonna kyabadde kibacamudde. Dan yabadde yenna akyankalanye, naye Ben, ndowooza eryo lye lyabadde errinya lye, yabadde mukkakkamu.
Anoonyereza: Wamubuulidde baganda be gye baalaze?
Omutambuze: Nalowoozezza nti w'anatuukira e Dothani, bajja kuba nga bakkakkanye nga tebakyalina buzibu.
Anoonyereza: Ekyo sikikakasa.
Omutambuze: Lwaki? Waliwo ekituuseewo?
Anoonyereza: Yee, yabuuze era asuubirwa okuba omufu. Taata we ampangisizza nnoonyereza ku ntambula ye era ngezeeko okuzuula omulambo gwe.
Omutambuze: Bannage, omwana oyo yabadde awuunze. Nagezezzaako okumuyamba. Bannange ssaategedde!





### 3 Obujulizi #3 Ekintu (Essomo 13)

Leeta mu kibiina ekintu ekirabwaako ng'obujulizi: Pilo.

### 4 Obujulizi #4 Ebyaliwo (Essomo 13)

Waliwo ebifo mu nsi nga eng'aano bagikungula n'engaalo. (Ekyama: Emitwe gy'eng'aano agyavunnamira Yusufu bwegiti bwe gyali gifaanana.)



### 5 Obujulizi #5 Akafo mu Baibuli (Essomo 13)

Ekyama: Ekirooto kya Yusufu; omusana ogulaga taata we, omwezi ogulaga maama we, n'emmunyeenye 10 eziraga baganda be.

# OMUSANGO GUGGADDWAWO

## Omusango Guggaddwawo! (Essomo 13)

### Olugero lwa Baibuli (Essomo 13)

**Yusufu n'ebirooto bye**

**Okuva mu Baibuli: Olubereberye 37:1-11**



Yusufu yali omwana asembayo ow'omulunzi ayitibwa Yakobo. Baganda be abakulu baali baamukyawa kuba kitaabwe yali amwagala nnyo okusinga abalala bonna. Yusufu yazaalibwa nga Yakobo akuze mu myaka era yalaba nga Yusufu yali kirabo kye yava amwagala ennyo. Yusufu yali azaalibwa omukyala Yakobo gwe yali asinga okwagala. Yakobo yakolera Yusufu ekkooti ey'ebbeeyi eya langi ennyingi ekyayongera okumukyaya baganda be. Katonda yawa Yusufu ebirooto bibiri eby'enjawulo. Ekirooto ekimu kyatuukawo nga Yusufu ali mu nnimiro ne baganda be nga basiba emiganda gy'eng'aano. Omuganda gwa Yusufu gwa situka ne gwesiimba era egya baganda be gyonna ne gugivunnamira. Ekirooto ekirala kyali kya njuba, omwezi n'emmunyeenye. Kitaawe yali njuba, maama

we yali mwezi era nga baganda be nga z’emmunyeenye era bonna ne bamuvunnamira. Yabuulira baganda be ne taata we ku birooto bino era ne banyiiga nnyo. Baganda be baagaana okukkiriza nti lunaku lumu balivunnamira muganda waabwe gwe batayagalira ddala. Yakobo naye yakambuwalira Yusufu nga tayagala kukkiriza nti lunaku lumu ye ne mukyala we balivunnamira mutabaani waabwe. Naye Yakobo ekirowoozo kino yakikuumira mu bwongo bwe. Nga wayise emyaka mingi, ebirooto byonna byatuukirira era Katonda yakozesa Yusufu okutaasa abantu enjala namuzisa.

### Enkozesa mu Bulamu (Essomo 13)

Nkimanyi nti Katonda awa mikwano gyange n’ab’ekika ebirabo eby’enjawulo.

### Olunyiriri lw’Okujjukira (Essomo 13)

“Naye kaakano Katonda yassaawo ebitundu buli kinnakimu mu mubiri, nga bwe yayagala.Era byonna singa kyali kitundu kimu, omubiri gwandibadde wa?” 1Abakkolinso 12:18-19

### Akalimu (Essomo 13)

Kola olukalala lw’antu basatu b’omanyi n’engeri Katonda gy’abagabiridde ebitone, obusobozi oba obuyinza ebyawukana ku bibyo. Saba Katonda akuyambe obutafuna nsaalwa gye bali.

### DNA ya Katonda (Essomo 13)

Kiki kye tuyiga ku Katonda mu ssomo lino? Oluusi Katonda alaga abantu biki by’abategekedde mu maaso.






## Akaseera k’Okunyumirwa! (Essomo 13)

### Akazannyo (Essomo 13)

Akazannyo k’ebirooto

Omusomesa atandiike akazannyo kano ng’ekibiina akyawulamu tiimu bbiri: emiganda ky’eng’aano n’emmunyeenye. Omusomeza ajja kussaawo akawuzi wakati w’ekibiina abayizi gye basobola okuddukira baleme kukoonebwaako. Omusomesa ajja kunyumya olugero era tiimu bw’ewulira ekigambo kyayo (okugeza: eng’aano oba emmunyeenye) badduke nga bagenda eri akaguwa kali ak’emirembe. Tiimu eri ejja kugezaako okukoona ku mwana nga tannaba kutuuka ku kaguwa kano. Omwana yenna akooneddwaako alina okwegatta ku tiimu emukoonyeeko. Tiimu enaasinza abazannyi abangi oluvannyuma lw’eddakiika 15, eja kuba nga y’ewangudde. Tiimu ewanguddwa erina okuvunnamira tiimu ewangudde mu ngeri y’okujjukira olugero lwa Baibuli.

### Okukubaganya Ebirowoozo (Essomo 13)

(By’abayizi abakulu)

1. Nina okugamba abantu ku Katonda?

Abakristaayo balina okwetegekera okubuulira abantu ebifa ku Katonda. 1 Peetero 3:15 agamba, “Naye mutukuzenga Kristu mu mitima gyammwe okubeera Mukama wammwe; nga mweteekateeka bulijjo

okuddamu buli muntu ababuuzanga ensonga ey'okusuubira okuli mu mmwe, naye n'obuwombeefu n'okutya.” Matayo 28:19-20 agamba nti tugende mu nsi tubuulire abantu ku ye. Ekyo tetwetaaga kukikola ffeka. Katonda ajja kutuyamba. Ebikolwa 1:18 Mwoyo Mutuukirivu ajja kutuwa amaanyi olw’okuba abajulizi gy’ali. Abantu abamu bagamba nti kirabo n’okuyitibwa (Abaefeeso 4:11 alambika ebirabo n’okuyitibwa kw’ababuulizi.) Abayizi tebalina kukakibwa okubeera ababuulizi ku ssomero ne mu bintundu byabwe n’okubuulira buli gwe basisinkanye ku Katonda bwe baaba tebalina kirabo kya kubuulira. Naye, ffena tulina okuba abeetegfu okugabana n’abantu ebifa ku Katonda.

2. Ngeri ki mikwano gyo gye gyogeramu naawe? “Obubaka” obuva ewa Katonda buyinza kufaanana butya?




Bwe tuba tuwuliziganya ne mikwano gyaffe, tukozesa Facebook, chat, obubaka bwa Twitter, amasimu, nga tulabaganye, n’ebirala. Obubaka Katonda bw’akusindikira buba bwa kyama oba buli omu asobola okubusoma? Ebiseera ebimu Katonda atugamba “OKUGENDA” awantu oba “OKUSIGALA” tuyambe. Oluusi atuwa endagiriro ng’akozesa ekigambo kimu kyokka. Tusobola okumugondera yadde tuba tetutegedde “bubaka” bwonna bwonna obuvudde gy’ali.


3. Ebirooto byesigika? Lwaki abantu basasula ssente mu basawo abaganda okubabuulira ebiseera byaabwe eby’omu maaso?


Abaana banyumirwa okwogera ku birootobyabwe kumakya. Bawe akadde banyumye era bajja kukizuula nti ebirooto byabwe tebirina mulamwa, tebisoboka, era oluusi biba bivudde ku firimu oba bye baalabye ku TV ekiro.

Newakubadde Katonda yali akozesa ebirooto, kyali kya lumunalumu. Ebiseera ebimu Katonda asobola okwogera naffe mu birooto naye ate biyiinza okutubuza. N’ekirala, abasawo abaganda tebalina kwesigwa. Ekyamateeka 18:10-12 “Kubanga buli akola ebyo wa muzizo eri Mukama...” Katonda alabula abantu be ku basawo abaganda kuba akimanyi bajja kwagala okumanya ekiri mu biseera byaabwe eby’omu maaso mu kifo ky’okwesiga Katonda. Ayagala abantu bamwesige!

## Ennyanukula y’Empapula z’Abayizi (Essomo 13)





## Okugezesa kwa Lukka (Essomo 13)

Buli mwana mugambe awandiike errinya lye ku kapapula nga bw’awanika okugulu kwe ng’akwetolooza okuva ku kkono ng’akuzza ku ddyo. (Laba ebisingawo ku YouTube) https://www.facebook.com/childrenareimportant/videos/1293723920663988/